

OBWAKABAKA BWA BUGANDA

# Embalirira y'Obwakabaka 2024/2025

## n'Entebya 2023/2024

**OMULAMWA:** Ensi Eyeegombebwa; Olutindo lw'Ebikolwa Ebinazza Buganda ku Ntikko



**Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II**

The King of Buganda

# Ebiri Munda


1.0 Ennyanjula 2

2.0 Ebyenfuna mu Ggwanga Omwaka gw'Ebyensimbi 2023/2024 3

2.1 Ebyenfuna bya Uganda 2023/2024 ..... 3
2.2 Ebyenfuna mu Buganda Omwaka gw'Ebyensimbi 2023/2024 ..... 5
2.3 Alipoota ku Mbalirira y'Obwakabaka eya 2023/2024 ..... 7

3.0 Ebituukiddwako mu Mbalirira 2023/2024 8

3.1 Enkulaakulana y'Abantu mu Byenfuna n'Embeera Zaabwe eza Bulijjo ..... 9
3.2 Ebyobulamu n'Obuyonjo ..... 15
3.3 Ebyobulimi ..... 30
3.4 Eby'Ettaka ..... 39
3.5 Obutondebwensi ne Bulungibwansi ..... 42
3.6 Obutale n'Obwegassi ..... 47
3.7 Ebyenjigiriza ..... 49
3.8 Federo ey'Ebikolwa n'ey'Amateeka ..... 56
5.8 Obuwangwa, Enono n'Embiri ..... 76
3.9 Okusiga Ensimbi, n'Ebyobusuubuzi ..... 84
3.10 Ebyobulambuzi ..... 91
3.11 Abakyala n'Ekikula ky'Abantu ..... 92
3.12 Abavubuka, Ebyemizannyo n'Ebitone ..... 96

4.0 Ebyensimbi mu Bwakabaka Omwaka 2023/2024 108

5.0 Embalirira y'Obwakabaka 2024/2025 112

5.1 Engeraageranya y'Ebyenfuna Omwaka gw'Ebyensimbi 2024/2025 ..... 112
5.2 Omulamwa gw'Embalirira y'Obwakabaka 2024/2025: *"Ensi Eyeegombebwa: Olutindo lw'Ebikolwa Ebinazza Buganda ku Ntikko."* ..... 116
5.3 Ennyingiza y'Obwakabaka n'enteekateeka z'Okugigaziya ..... 117
5.4 Ebisoosowaziddwa mu Nsaasaanya y'Obwakabaka 2024/2025 ..... 118
5.5 Embalirira y'Enyingiza n'Ensaasaanya y'Obwakabaka mu mwaka gw'ebyensimbi 2024-2025 ..... 132

6.0 Okuwumbawumba 136

6.1 Okwebaza ..... 136
6.2 Okuwumbawumba ..... 137




# 1.0

# Ennyanjula

Oweek. Sipiika, kya kwesiimisa era kwenyumirizaamu kya maanyi nnyo, okwanjulira abakiise mu Lukiiko lwa Buganda embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2024/2025.

Nzikiriza ntandike n'okwebaza Katonda nnyini byonna olw'emikisa gy'awa Obwakabaka bwaffe buno entakera, weewaawo ng'oluusi emikisa gino tugitwala ng'ekya bulijjo.

Oweek. Sipiika, guweze omwaka gumu gwenyini olwaleero, kasookanga nyanjula embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2023/2024 eri Olukiiko lwa Buganda, nga 25 Ssebaaseka, 2024. Embalirira gye nayanjula yeesigamizibwa buteereevu ku Nnamutaayiika kwetutambulira kati eyaseesetula enteekateeka z'Obwakabaka okuva mu pulojekiti okudda ku pulogulaamu. Embalirira eno eya 2024/2025 gye nyanjula olwaleero ye y'okubiri mu nteekateeka eno ey'omuggundu.

Nnyannjula mbalirira y'omwaka gw'ebyensimbi 2024/2025 ng'essira tetulitadde ku kaweefube wa kuzza Buganda ku ntikko kyokka, wabula n'ebituukiddwako tubisoosowaza wamu n'ebyo bye twongera okusigamu ensimbi ebirala okusobola okuyitimusa Buganda.

Mukama wange Sipiika, omwaka oguwedde nategeeza Olukiiko luno nti embalirira gye nayanjula yali muzinzi mu nteekateeka n'emiganyulo eri abantu ba Ssaabasajja. Nina essanyu okukutegeeza nate, nti n'ey'omwaka guno 2024/2025 ngazi ddala, mu muwendo ne mu miganyulo eginaava mwebyo ebitegekeddwa era ebisuubirwa okutuukirizibwa.




# 2.0

# Ebyenfuna mu Ggwanga Omwaka gw'Ebyensimbi 2023/2024

## 2.1 Ebyenfuna bya Uganda 2023/2024

Ebyenfuna bya Uganda bibadde yadde yaddeko, wadde nga wabaddemu okusoomoozebwa okutonotono. Ennyingiza ey'omunda yalinnya n'ebintu 5.3% mu kitundu ky'omwaka gw'ebyensimbi 2023/2024 ekyasooka, nga kino kyava ku kuyitimuka mu by'obuzimbi olwa zi pulojekiti z'ebizimbe ezimeruka wo, n'ebyobulimi ebyafunamu embavu newankubadde embeera y'obudde ebiseera ebimu yali teyeeyagaza balimi.


Okweyongera kw'obusizi bw'ensimbi mu by'obusuubuzi ku mutendera ogw'obwannanyini n'okutondawo emirimu byalinyisa ettutumu mu by'okusuubuligana wamu n'okuwa abantu emirimu mu mwaka gwonna. Tusuubira nti omwaka gw'ebyensimbi 2023/2024 we gunaggwerako, ennyingiza ya Uganda ey'omunda (GDP) ejja kuba erinnye okutuuka ku bitundu 6.0%.




Tusuubira nti omwaka gw'ebyensimbi 2023/2024 we gunaggwerako, ennyingiza ya Uganda ey'omunda (GDP) ejja kuba erinnye okutuuka ku bitundu 6.0%

Ebyettunzi ebifuluma eggwanga byeyongerako obungi olw'amakolero okweyongera n'amateeka agalungamya eby'enfuna obutaba makakali nnyo, nga kw'oggasse n'okussa ku mwanjo emikutu gy'ebyenfuna okuli okutunda zaabu n'eby'obulambuzi. Mu ngeri y'emu n'ebyettunzi ebisuubulwa ebweru w'eggwanga nabyo byalinnya olw'obwetaavu obubaddewo okufuna ebyataagisa okutwala mu maaso pulojekiti y'okusima amafuta. Embeera eyo enafuyizzaamu ku byenfuna by'eggwanga okutwalira awamu.

Okusobola okwetangira obulwa obuli mu kunaabuuka kw'ensimbi zaffe olutatadde, banka enkulu yamyumyula mu mateeka g'ebyensimbi mu Mugulansigo, 2024. Wadde ng'okunaabuuka kw'ensimbi kwali



Abaana abazaalibwa kati, omugaso gwabwe guteeberezebwa okuba ku bitundu 38% byokka nga bakuze, bw'ogerageranya ne bwe kyandibadde singa baba bafunye obuyigirize n'obuweereza mu by'obulamu ebisaanidde.

ku bitundu 2.9% mu kitundu ky'omwaka gw'ensimbi ekyasooka ekyaganyula ba musigansimbi ne ba mufunampola. Oluvannyuma okunaabuuka kwalinnya okutuuka ku butundu 3.4% omwezi gwa Mukutulansanja, 2024. Kyokka embeera eno esuubirwa okwongera okuba embi n'okulinnya okutuuka ku butundutundu 5%. Kino kya kubaawo olw'okunaabuuka kw'ensimbi nga kuva ku nsimbi ezifuluma ennyingi nga zigenda ku m mirimu gy'okusiga ensimbi mu pulojekiti ez'enjawulo. Okusobola okwetangira ebizibu ebiva mu mbeera eno, nga 6 Mugulansigo, 2024, banka enkulu eya Uganda yalinnyisa Omuwendo kw'ewolera okutuuka ku bitundu 10%, okuva ku bitundu 9.5% kweyali ekyali okuva mu Muwakanya 2023.

Okusinziira ku bibalo bya Banka y'ensi yonna, obuweereza bwa Bannayuganda ng'ekimu ku by'obugagga by'eggwanga bukyali wansi nnyo. Abaana abazaalibwa kati, omugaso gwabwe guteeberezebwa okuba ku bitundu 38% byokka nga bakuze, bw'ogerageranya ne bwe kyandibadde singa baba bafunye obuyigirize n'obuweereza mu by'obulamu ebisaanidde. Ekiseera abaana abatandika okusoma ku myaka ena, nga baba bakyali mu ssomero we bawereza emyaka 18 kiri ku emyaka 6.8, nga kino kiri wansi ddala bwogeraageranya n'ensi endala ezitwetoolodde eziri ku myaka 8.3.

Mu ngeri y'emu kyalagibwa nti emyaka abaana gye bamala nga basoma mu ngeri esaanidde giri 4.3 gyokka, ng'emyaka 2.5 ku giri 6.8 gye tulaze waggulu gibalibwa ng'egifa ttogge nga kiva ku mutindo gw'ekiboggwe mu nsomesa n'enkola y'emirimu mu byenjigiriza.


## 2.2 Ebyenfuna mu Buganda Omwaka gw'Ebyensimbi 2023/2024

Omwaka gw'ebyensimbi guno enkuba tugifunye mu bungi ate n'ebbeeyi y'emmwanyi n'amatooke etuwadde akamwenyumwenyu. Abantu ba Buganda abeenyigidde mu kulima emmwanyi n'amatooke, nga Ssaabasajja bwabakubiriza entakera, babadde bulungi ddala. Abantu ba Buganda abali mu bibiina by'obwegassi nabo babadde yaddeyaddeko kuba bakola ne bafissa era ne batereka, ate ne beewola ne basiga olwo ne bagaziya emirimu gyabwe.


Abantu ba Buganda abasoomoozeddwa mu by'obulimi n'eby'enfuna ennyo baamirundi ebiri;

- Abalimi ba kasooli n'abalunzi b'ente. Ebbeeyi yagwa nnyo era tebaafunamu kyegasa mu ntuuyo zaabwe. Abalunzi nabo bakoseddwa obulwadde bwa kalusu era ne kinafuya enyingiza yaabwe.
- Abasuubuzi. Amateeka ku nambika y'emisolo ensangi zino gataataaganyizza nnyo abasuubuzi omuli abalina bizinensi entono ddala, entonotono n'enneneko nga zonna awamu zikola ebitundu 80% ku zi bizinensi mu Buganda ne Uganda. Kikulu nnyo okwetegereza nti kunsimbi ezikungaanyizibwa, ebitundu 36% ziva mu Kampala, 33% mu Wakiso, 9% mu Mukono ate ebitundu 4% Masaka. Ekitegeeza ebitundu ebisoba mu 90% ku musolo gw'eggwanga bikungaanyizibwa mu Buganda, ggwe ate abo Disitulikiti nnya zokka mu Buganda zivaamu ebitundu 82%.

## Emisolo




**Mu Uganda giva mu Buganda**




**ABALIMI BA KASOOLI N'ABALUNZI B'ENTE**



Ebbeeyi yagwa nnyo era tebaafunamu kyegasa mu ntuuyo zaabwe.

**ABASUUBUZI**



**80%**

Amateeka ku nambika y'emisolo ensangi zino gataataaganyizza nnyo abasuubuzi omuli abalina bizinensi entono ddala, entonotono n'enneneko nga zonna awamu zikola ebitundu 80% ku zi bizinensi mu Buganda ne Uganda



Ebirumira mu nzirukanya y'emisolo mu Uganda ebinyigirizza ennyo bannayuganda n'okukasuka abamu ebweru w'ekisaawe ky'ebyobusuubuzi byekuusa ku nsonga zino:

- Okuttira eriiso ku bantu abamu mu ngereka y'emisolo
- Obutaba na nkola nnungamu ku ngereka y'emisolo ku bintu ebifaanagana
- Eryanyi erisukkiridde mu kukwasisa etteeka ly'emisolo
- Okutalizaamu abantu abamu ng'omusolo gukuŋŋaanyizibwa
- Engereka y'emisolo eyeesigamiziddwa ku nteebereza y'omukozi wa URA aba agugereka ekibawa omwagaanya okubinika abasuubuzi omusolo oguteesigamye ku bibalo bituufu
- Enguzi esukkiridde ku mitendera gyonna mu nzirukanya y'emisolo

Okugwa kwa siringi ya Uganda okuviiriddeko okunaabuuka kw'ensimbi kireetedde emiwendo gy'ebintu okulinnya abantu ne batuuka n'okulemwa okubyetuusaako. Tukizudde nti omuwendo gw'abayizi mu masomero g'obwanannyini nagwo guserebye, abazadde bangi beeyunidde amasomero ago aga bonna basome (UPE ne USE) ku mutendera ogusookerwako ne siniya, era gano gajjula ne gabooga kuba abazadde bangi tebaalina busobozi buweerera baana mu masomero ga bwannannyini ag'ensimbi enyingiko.

## 2.3 Alipoota ku Mbalirira y'Obwakabaka eya 2023/2024

Ebyenfuna by'Obwakabaka ebya 2023/2024 tebitambude bubi. Wadde nga wabulayo wiiki emu omwaka gw'Ebyensimbi 2023/2024 okuggwako, tusuubira okususa mu nnyingiza eyabalirirwa kyokka era n'ensaasaanya nayo ejja kulinya okusinziirwa ku kweyo eyali esuubirwa.

Twabalirira okufuna Obuwumbi ***209,410,622,250*** naye tusuubira okufuna obuwumbi ***210,529,095,270*** we tunaamalirako omwaka gw'ensimbi guno nga 30 Ssebaaseka 2024. Kino kituukiddwako olw'ensonga ezimu ku zino wammanga;

a) Tunywezezza nnyo enkola eya bannamikago nga tutuukiriza n'olumu ne tusukkuluma kwebyo byetuba tukkiriziganyizaako okuggusa. Olw'enkola eyo, kati emirundi egisinga bannamikago be batweyunira tetukyabanoonya era kino kirabikidde nnyo mu ngeri bannamikago gye bayayaanamu okugizza obuggya yadde embeera y'ebyensimbi sinnungi naye bannamikago basobodde okuddamu okuzza obugya emikago gino ate nga bongeddeko ne ku nsimbi.

b) Gavumenti eya wakati eyongedde okusasula ku banja erigibangibwa Obwakabaka.

c) Okwongera okunyweza entereeza y'emirimu (Systems) okulaba ng'ensimbi ziyingira ate ne zikozesebwa bulungi.

Ebintu byetwateekateeka okukola bingi bikoleddwa nga bwemunalaba wansi mu alipoota enfunze



# 3.0
# Ebituukiddwako mu Mbalirira 2023/2024



Mukama wange Sipiika, mu mwaka gw'ebyensimbi 2023-2024, tulina obuwanguzi obw'omuzinzi bwe tutuuseeko ng'Obwakabaka. Nokoddeyo ebimu kwebyo bye tusobodde okukola okusinziira ku byasosowazibwa mu mbalirira y'Omwaka **2023/2024** eyayisibwa nga 25/06/2023.

## 3.1 Enkulaakulana y'Abantu mu Byenfuna n'Embeera Zaabwe eza Bulijjo

### a) Ebyenjigiriza

#### (i) Okusoma amasomo agatali ga kiseera kiwanvu (skills based short course) agabawa obukugu obwetaagisa mu katale k'emirimu.

- Amatendekero gaffe ag'ebyemikono ne Ssetendekero gatandikawo emisomo egy'ebiseera ebimpi egyettanirwa mu katale k'emirimu.
- Abayizi abasoba mu 300 be baaganyulwa mu ***"Kabaka Agabudde short courses"*** ku BRIBTE era ne baweebwa ebbaluwa. Abavubuka baganyuddwa mu kutendekebwa eby'enviiri, okufumba, eby'okwewunda, okutunga, okukanika n'ebirala.














Kaweefube w'okulaba ng'abantu ba Buganda abalina obukugu nga tebalina biwandiiko byabuyigirize, bagezesebwa mu bukugu bwabwe ekitongole kya DIT ne BRIBTE, ne basobola okufuna ebbaluwa okubasobozese okugaziya ennyingiza n'okwekulaakulanya. Abavubuka beeyongedde okwettanira amasomo gano okuva ku bavubuka 98 mu 2022 ne 156 mu 2023. Mu mwaka 2024 bali **172** be baatikkirwa nga bagezeseddwa ne bafuna ebbaluwa za DIT.

**Omweso Ogulaga abayizi abatendekeddwa BRIBTE ne bagezesebwa DIT era ne baweebwa ebbaluwa ezikakasa obukugu bwabwe**

| Na. | Essomo | Omuwendo gw'abayizi | | |
|---|---|---|---|---|
| | | 2022 | 2023 | 2024 |
| 1. | Okukanika | 41 | 55 | 30 |
| 2. | Eby'enviiri n'okwewunda | 21 | - | 32 |
| 3. | Eby'amasannyalaze | - | 14 | 09 |
| 4. | Okutunga | 19 | 11 | 16 |
| 5. | Eby'amazzi | - | 30 | 11 |
| 6. | Okuzimba | - | 03 | 01 |
| 7. | Okukozesa ebyuma bikalimagezi (ICT) | - | 16 | 62 |
| 8. | Eby'okufumba | 17 | 23 | 10 |
| 9. | Okutimba | - | 03 | 0 |
| 10. | Okwokya ebyuma | - | 01 | 0 |
| | Omugatte | 98 | 156 | 172 |

## b) Okufunira Abantu ba Buganda Obutale

- Omwoleso gw'obwegassi Kyaggwe, ogwa PEWOSA e Masaka Buddu n'omwoleso gw'ebibiina bya Caritas e Nansana-Kyaddondo












- Omwoleso gwa CBS Pewosa Nsindika Njake gubeerayo buli mwaka era emiganyulo egiri mu mwoleso guno gye gino: gugatta abasuumuseemu mu nkola y'emirimu naabo abaakatandika; okwoleka obuyiiya abantu okukolera awamu era ne bagaggawala; mu ngeri yeemu Omwoleso gutwoleka abaguzi, kubanga abantu balaga bye bakola olwo n'abaguzi ne babyeyunira.













b) **Okulimira Awafunda; Enteekateeka eno yasookera mu masaza okuli Kyaddondo, Busiro ne Kyaggwe, kubanga mwe musinga amaka agalina ettaka effunda.** Abakugu okuva mu kitongole kya NARO nga bali wamu n'ekitongole kya BUCADEF baasomesa Abaami ba Kabaka ab'Eggombolola, abalimisa n'abantu (100) abalala engeri y'okulimira ewafunda, ne bababuulira ebirime eby'enjawulo ebivaamu obulungi mu nnima eno.

c) **Pulogulamu ya Mmwanyi Terimba;**

- Abantu beeyongede nnyo okulima emmwanyi n'amatooke mu Buganda era ***emirimu egitondeddwawo mu pulogulamu ya Mmwanyi Terimba emyaka*** kati musanvu kasooka etandika gikunukkiriza mu 700,000.




OBULIMI BW'EMMWANYI MU UGANDA, KAWEEFUBE WA MWANYI TERIMBA
Obulimi bw'emmwanyi(coffee production ) mu Nsi yonna
Obulimi bw'emmwanyi(coffee production ) mu Uganda
Okufulumya emmwanyi (coffee exports in bags) mu Uganda
Uganda ekwatakya 8 mu nsi ezisinga okufulumya emmwanyi ne kaawa
BUGANDA
1. Brazil
2. Vietnam
3. Colombia
4. Indonesia
5. Honduras
6. Ethiopia
7. India
8. Uganda
9. Mexico
10. Guatemala
Ebibalo by'Eggwanga
2016/17 - 5.6M Bags
2017/18 – 5.6M Bags
2018/19 – 7.0M Bags
2019/20 – 7.8M Bags
2020/21 – 8.1M Bags
2021/22 - 8.5 M Bags
Ebibalo mu Buganda
2016/17 – 2.1M Bags (Est)
2017/18 – 2.3 M Bags ( Est)
2018/19 – 2.5M Bags
2019/20 – 2.7M Bags
2020/21 – 2.9M Bags
Robusta Omuwendo | Arabica Omuwendo | Omugatte Omuwendo
2015/16 | 2,696,611 | 860,081 | 3,556,692
2016/17 | 3,188,144 | 997,796 | 4,185,940
2017/18 | 3,378,736 | 1,077,478 | 4,454,214
2018/19 | 3,210,204 | 958,204 | 4,168,408
2019/20 | 4,136,852 | 969,029 | 5,105,881
2020/21 | 5,337,952 | 739,999 | 6,077,951
2021/22 | 5,256,685 | 1,001,649 | 6,258,334
2022/23 | 4,758,052 | 1,003,177 | 5,761,229
Buganda y'esinga okukola mu by'amakolero g'emmwanyimu Uganda, ng'ekola ebitundu 34/100 ku mwanyi ezirimibwamu ggwanga, nga kino kyenkana n'ensawo obukadde 2.9 ku nsawo obukadde 8.5 ezirimibwamu Uganda
Okuva Mwanyi terimba lwe yatandikibwawo mu 2016, kaweefube ono ayongedde nnyo okutumbula eby'amaguzi mu Uganda, ng'ebitundu 51.7/100 byeyongedde okuva mu 2016 okutuuka mu 2021, ate Buganda yalaba okulinnya okw'amaanyi okwa 38.1/100 mu kiseera kye kimu. Kino kivuddeko ensimbi okweyongera n'okutereeza embeera z'obulamu mu Buganda ne Uganda okutwaliza awamu.
Ensibuko: World Coffee producing Countries 2023
Bigattiddwa aba Buganda statistics Unit


Abaweereddwa emirimu mu mwanyi
Engaba y'endokwa okusinziira ku ssaza
Abalimi b'emmwanyi mu Buganda
Omutendera | Abaweereddwa emirimu
Essaza | 18 (Abalimi)a
Eggombolola | 540
Omuluka | 16,200
Ekyalo | 486,000
Omugatte | 502,758
Emirimu 502,758 gikoleddwa
Coffee distribution by county
other countie (3,205,960)
Buddu 2,578,320
Mawogola (678,720)
Gomba (866,490)
Ssingo (1,061,245
Bulemezi (1,758,180)
Note: Total seedlings distributed upto 30th June 2022 (10,337,765)
Olusuku lw'ensukusa oluyitibwa single Mother Nursery Seedling Garden lwatandikibwawo mu masaza 18 mu Buganda nga lukozesa abalimi abatakka wansi wa 2, ekyavaamu okutondawo emirimu 36.
Uganda
Amaka 1.8M
Abalimi abasoba mu bukadde 8.2
Buganda
Amaka 43.3% mu Buganda (Amaka 779,400)
Abalimi abasoba mu bukadde 3.9 bebalima emmwanyi
Abalimi 80% balima emmwanyi ya Robusta ate asinga kulimibwa mu Buganda
Weetegereze: Buli maka galimu abantu ku kigero 5 mu Buganda
Greater Masaka (Buddu) n'okutuusa kati y'esinga okufulumya emmwanyi n'okukola Kaawa mu Buganda
Bitegekeddwa: Buganda statistics unit

## 3.2 Ebyobulamu n'Obuyonjo



a) **Okumaliriza Okuzimba "outpatients" y'amalwaliro g'Obwakabaka 3 ery'e Ssingo, Buddu n'e Kyaggwe.** Amalwaliro gonna 3 gakyazimbibwa okuli ery'e Busimbi-Ssingo, Mukungwe-Buddu ne Nyenga-Kyaggwe era wano we tutuuse mu mwaka gw'ebyensimbi gumu gwokka gwe tumalako:







### i) Busimbi be Ssingo

**Ebikoleddwa:**
- Okuzimba kwaggwa
- Okusereka kwaggwa
- Okukuba plaster kwaggwa
- Emidumu gy'amasanyalaze gyassibwamu
- Emidumu gy'amazzi gyassibwamu
- Okuggala okw'ebweru kwaggwa
- Emyango gyonna gyassibwamu
- Okuwunda ne half bricks kwaggwa
- Okukola Ttalazo kwe kugenda mu maaso mu kiseera kino

### ii) Mukungwe e Buddu

**Ebikoleddwa:**
- Okuzimba kwaggwa
- Okusereka kwaggwa
- Emidumu gy'amasanyalaze gyassibwamu
- Emidumu gy'amazzi gyassibwamu
- Okusereka kugenda kuwedde
- Okukuba plaster kutandise

### iii) Nyenga e Kyaggwe

**Ebikoleddwa**
- Okuzimba kwaggwa
- Okusereka kwaggwa
- Emidumu gy'amasanyalaze gyassibwamu
- Emidumu gy'amazzi gyassibwamu
- Okusereka kuwedde
- Okukuba plaster kutandise




b) **Okuwagira enteekateeka z'ebyobulamu.** Obwakabaka bwawagira n'obukadde 172 omulimu gw'okuzimba Rotary Nkozi Accident and Trauma Centre, ezaava mu 'Kyeggulo kya Kaliisoliiso 2023.




c) **Engule eri Obwakabaka okuva mu PSFU.** Obwakabaka bwa Buganda bwawangula engule okuva mu kitongole kya Private Sector Foundation Uganda (PSFU), mu kkowe ery'okusitula embeera z'abantu mu Buganda, omuli ebyobulamu, ebyenjigiriza, ebyobulimi wamu n'obutondebwensi.

d) **Amalwaliro g'e Nsangi ne Kalasa okutandika okujjanjaba abantu ba Beene.**

Amalwaliro gagenda kutandika okujjanjaba abantu nga 01/07/2024, ekitongole kya Buladde Medical Research Institute kye kyakwasibwa obuvunaanyizibwa okugaddukanya era n'endagaano zaggwa dda okussaako emikono.

e) **Okutandika yinsuwa y'ebyobulamu n'ensimbi ensaamusaamu 'Community Based Insurance' wamu n'okusomesa n'okuwandiisa abantu mu nkola eya yinsuwa.**

- 'Munno mu kabi Yinsuwa' yatongozebwa era abantu abasoba mu 200 bagyeyunzeeko.






- Abantu ba Beene basasula 36,000/= omwaka; ali ku yinsuwa bwalwala ne bamuwa ekitanda okumala ennaku 3 aweebwa emitwalo 500,000/=, ate bw'afuna obulemu afuna 2,000,000/= kyokka bw'afa ab'enju ye baweebwa 2,000,000/=.

Abantu ba Beene basasula 60,000/= omwaka. Ali ku yinsuwa bw'alwala ne bamuwa ekitanda okumala ennaku 3 aweebwa emitwalo 500,000/=, ate bw'afuna obulemu aweebwa 3,000,000/= kyokka bw'afa ab'enju ye baweebwa 3,000,000/=.

f) **Okusomesa abantu ku kulwanyisa endwadde wamu n'obuyonjo ewaka.**

- Ensiisira 4 ez'ebyobulamu zaategekebwa era abantu bazijjumbidde bwebati; (3000) e Bweyogerere, (4000) e Zigoti, (2500) e Kyaggwe, ne (10,230) e Mmengo baasomesebwa.
- Nga tukolagana ne Minisitule y'ebyobulamu mu Gavumenti eya wakati, twateekateeka omusomo ku bulabe obuli mu musujja gw'ensiri eri Kabineeti, Bajjajja Abataka ab'Obusolya ne Bakatikkiro b'Ebika (abantu 41), Abaami b'e Ggombolola mu Kyaddondo n'Abaweereza b'Obwakabaka (abantu 77). Era nabo obubaka bwe baafuna ne babubunyisa mu Buganda wonna mu kaweefube w'okulwanyisa omusujja gw'ensiri.












- **Twategeka emisomo 10 mu bintu eby'enjawulo nga gyetabwamu abantu 315;** abaami ba Kabaka, abakulembeze mu bitundu, abaluŋŋamya b'emikolo, abavubuka, n'abasawo b'okubyalo (VHTS). Obwakabaka bwatalaaga ebitundu eby'enjawulo mu Buganda mu kaweefube w'okusomesa abantu ku bulwadde obw'omusujja oguleetebwa ensiri wamu n'engeri ey'okugwetangira;


**Omweso ogulaga ebiti by'abantu abaasomesebwa mu kulwanyisa n'okwetangira omusujja gw'ensiri**

| Essaza | Abakulembeze | Abaluŋŋamya b'emikolo | Abasawo b'okubyalo | Omugatte ogwamu |
|---|---|---|---|---|
| Busiro | 32 | 14 | 49 | 95 |
| Kyaddondo | 55 | 25 | 29 | 109 |
| Kyaggwe | 18 | 8 | 21 | 47 |
| Mawokota | 26 | 11 | 27 | 64 |
| Omugatte | 131 | 58 | 126 | 315 |

- Twasisinkana abavuzi ba Bodaboda, abasuubuzi mu butale, ku myalo, okubasomesa n'okubabangula ku buvunaanyizibwa bwabwe mu kaweefube w'okulwanyisa omusujja gw'ensiri.









- Tukubirizza abantu okwegemesa omusujja gw'enkaka (yellow fever) kubanga gwa bulabe eri obulamu naddala ku kibumba.





- **Obwakabaka bwatongoza okugaba obutimba bw'ensiri eri abantu ba Buganda okutaasa ku muwendo gw'abantu abafa olw'omusujja oguleetebwa ensiri.**





g) Maama Nnabagereka yatongoza kaweefube Queen's Ball n'ekigendererewa eky'okulwanyisa n'okukendeeza omuwendo gw'abantu abalina obukosefu ku bwongo basobole okufiibwako mu ngeri esaanidde n'okufuna obulamu obweyagaza.









h) Okutwala mu maaso enteekateeka y'okulwanyisa mukenenya mu Buganda n'ensi yonna; okuyita mu misomo n'ebyoto nga tukubiriza abantu okwekebeza, abalina mukenenya okumira eddagala ko n'okwekuuma obutamusaasaanya.











The campaign contributed to significantly improved HIV-related outcomes in the Buganda region between 2016 and 2020 including:

- INCREASED KNOWLEDGE OF HIV STATUS **FROM 89% TO 94%**
- INCREASED HIV TREATMENT COVERAGE **FROM 64% TO 92%**
- **A 52% DECREASE** IN NEW HIV INFECTIONS.

- Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II yasiima n'atuma Nnaalinnya Lubuga Agnes Nabaloga, amukiikirire okusimbula abaddusi b'emisinde gy'amazaalibwa ge nga 07/04/2024.
- Abantu 110,000 okuva mu Buganda, Uganda n'ensi yonna beetaba mu kudduka emisinde gino.
- Omukago gw'Obwakabaka n'ekitongole ky'amawanga amagatte ekirwanyisa mukenenya (UNAIDS). Gino gye gimu ku miganyulo egivudde mu nkolagana ne UNAIDS:

  (i) Okumanyisa abantu ku bulwadde buno kweyongera okuva ku bitundu 89% - 94%

  (ii) Okugaba obujjanjabi kweyongera okuva ku bitundu 64% - 92%

  (iii) Abantu abafuna obulwadde buno bakka ne batuuka ku bitundu 52%

- Okusinziira ku bibalo bya UNAIDS ebya 2023, ku Disitulikiti 10 ezisooka okubeeramu obulwadde bwa mukenenya, Buganda erinako 3 zokka; Masaka, Kyotera ne Kalangala.

- Bwogeraageranya n'ebibalo bya 2015 (UNAIDS Country progress report 2015), Disitulikiti 10 ezaali zisingamu obulwadde bwa mukenenya kwaliko; Kalangala, Kyotera, Pader, Gulu, Kalungu, Masaka, Wakiso, Lwengo, Lyantonde ne Buikwe - Buganda yalinamu Disitulikiti 8.
- Ebibalo bya 2022 biyimiridde bwebiti ku disitulikiti 10 ezisinga okubaamu mukenenya; Kabarole, Mbarara, Kalangala, Masaka, Kyotera, Gulu, Lira, Kyenjojo, Tororo, Jinja.
- Abaana abali mu myaka egy'ekivubuka (15-24 years) be basinga okukwatibwa mukenenya era Disitulikiti zino ze zisinga okubeeramu abaana bano; Wakiso, Kampala, Lira, Mukono, Mbarara, Gulu, Buikwe, Luwero ,Tororo, Kyenjojo.
- Luweero y'esinga okubeeramu abaana abakabasanyizibwa nga bali 5,360 ku 17,000 nga 3,703 bafuna akawuka ka mukenenya.
- Kampala yeesingamu abaami abali wakati w'emyaka 20 -35 abateekebezanga bulwadde bwa mukenenya.
- **Katikkiro ne Minisita w'Abavubuka, Emizaanyo n'Ebitone beetaba mu lukuŋŋaana lw'ensi yonna olukwata ku mukenenya (ICASA 2023) e Harare, Zimbabwe. Omubala gwali: SIRIIMU AKYALIYO.**








**Kampala yeesingamu abaami abali wakati w'emyaka 20 -35 abateekebezanga bulwadde bwa mukenenya.**




- Katikkiro yalambula abakola obuuma obukozesa tekinologiya okwekebeza omusaayi mu bwangu n'omanya bw'oyimiridde ku bulwadde bwa mukenenya, omusujja gw'ensiri, ne Nnalubiri mu mwoleso gwa tekinologiya e Harare mu Zimbabwe.
- Twateekateeka emisomo 4 okusomesa abantu ba Kabaka ku bulwadde bwa mukenenya mu masaza okuli Kyaggwe, Busiro ne Kyadondo.

**Olutalo lw 'Okulwanyisa Mukenenya mu Buganda**






- Tubangudde abaana abawala abasoba mu 500 ku ngeri gye basobola okwewala ebikolwa ebireeta mukenenya.



- Tukoze n'okubunyisa obubaka obusoba mu 400 obutangira mukenenya busaasaanyiziddwa ku mikutu gy'amawulire n'obulala obuwandiike ku "Reflector Jackets" ne "stickers".



- Tusomesezza ku kirwadde kya mukenenya ku Laadiyo ne Terefayina emirundi.



- Tutadde obulango obusoba mu 40 ku Terefayina ne Laadiyo era bukyaweerezebwa.

**i) Okugenda mu maaso n'enteekateeka y'okukuŋŋaanya omusaayi n'ekitongole kya Kabaka Foundation.**



- Enteekateeka y'okugaba omusaayi yatongozebwa era bannamikago n'ebitongole eby'enjawulo ne biwaayo obweyamo okuwagira kaweefube ono.










**Tukuŋŋaanyizza omusaayi yuniti 4,083**

- Tukuŋŋaanyizza omusaayi yuniti 4,083; e Bugerere - ***19 Units, e Busujju - 20 Units, e Bulemeezi 38*** Units, Buweekula - 3,968 units.







j) **Ensiisira z'okwekebeza endwadde okwekikungo mu bitundu eby'enjawulo.**

- Ssaabasajja awadde abantu be obujjanjabi ng'ayitira mu nsisiisira z'ebyobulamu mu bitundu ebyenjawulo nga kati e Bulange buli lwe wabaawo oluwalo ababa bakiise e Mbuga baweebwa obujjanajabi obusookerwako wamu n'abo abeetaba mu nteekateeka za Bulungibwansi mu bitundu ebyenjawulo.











- Nga tukolagana ne bannamikago aba Mengo Hospital, Nakasero Blood Bank, YITA Life Outreach Services, twategeka ensiisira 6; e Bweyogerere (abantu 434), e Zigoti (abantu 665), Bulemeezi (abantu 766) ne Butambula (2,102).











## Abantu 7,068

*(Abaami 4033, Abakyala 3035) be baatuusibwako obujjanjabi mu nsiisira z'ebyobulamu ezitegekebwa Obwakabaka bwa Buganda*

- Ebibalo ebyakuŋŋaanyizibwa ekitongole kya Buganda Statistics Unit (BSU) mu myezi esatu egisooka egya 2024, biraga nti abantu 7,068 (Abaami 4033, Abakyala 3035) be baatuusibwako obujjanjabi mu nsiisira z'ebyobulamu ezitegekebwa Obwakabaka bwa Buganda.

k) **Okuwandiisa Abasawo b'Obwakabaka abasookerwako ku byalo (VHT).**

- Twatendeka abasawo mu magombolola 175 oluvannyuma tugenda kutendeka ab'okubyalo






l) **Okwongera okusima enzizi n'okuziddaabiriza okusobozesa abantu okufuna amazzi amayonjo.**

- Twakasimye enzizi 48 mu mwaka gw'ebyensimbi 2023/24, ate omugatte gwa nzizi 847 bukya pulojekiti eno etandika nga buli lumu lusimibwa ku Ugx. 23,500,000.



- Oweek. Patrick Nalikka Ssendegeya, Omwami wa Ssaabasajja atwala e Ssaza lya North West Coast America (Northern California - Sanfrancisco ne Nevada), yalambula oluzzi lwa nayikondo essaza lino lwe lyavujjirira mu kuzimbiddwa nga bayambibwako Rotary Club of Antioch, ku ssomero lya Kikooba Infant and Primary School e Kikooba mu Ggombolola ya Mutuba III Bukomero mu Ssingo.





## 3.3 Ebyobulimi

### a) Amasaza agasinga okubaamu Amaka galina ettaka eririmirwako

- Okunoonyereza kwalaga nti Kooki lye Ssaza erisingamu amaka agalina ettaka eririmibwako.
- Okusinziira ku bibalo ebyafulumizibwa ekitongole ky'Obwakabaka eky'Ebibalo (Buganda Statistics Unit) Kooki erina ebitundu 74.6%, n'eddirirwa Mawogola 72.3%, Butambala 68.1%, Gomba 67.8%, Buddu 66.1%.











# OWNERSHIP OF AGRICULTURAL LAND BY COUNTY IN BUGANDA

Agricultural land consists of cropland, pasture land and grazing land. The NHPC asked about ownership of agricultural land and results by Buganda counties are presented as shown in the figure below.


Overall, about four in every ten households in Buganda owned agricultural land in 2014. Kkooki, Mawogola, Butambala, Ggomba and Buddu had the highest proportion of households that owned agricultural land as reported by about seven in every ten households. On the contrary, Kyaddondo and Ssese had the lowest proportion of households that owned agricultural land as reported by about two in every ten households.

## Proportion of households that owned agricultural land by county (%)




Source: Further analysis of NHPC, (2014)

| County | Proportion of Agricultural land owned by households (%) | Proportion of households engaged in Agriculture (%) | Area coverage (square kilometers)km² |
|---|---|---|---|
| Kkooki | 74.6 | 65.4 | 1,631 |
| Mawogola | 72.3 | 62.6 | 2,376 |
| Butambala | 68.1 | 55.1 | 404 |
| Ggomba | 67.8 | 64.2 | 1,661 |
| Buddu | 66.1 | 54.3 | 7,284 |
| Busujju | 62.7 | 61.6 | 526 |
| Buweekula | 61.7 | 53.1 | 2,772 |
| Buluuli | 58.6 | 61.3 | 3,670 |
| Bugerere | 58.3 | 53.3 | 1,779 |
| Kabula | 58.0 | 53.7 | 928 |
| Ssingo | 57.6 | 53.1 | 7,339 |
| Mawokota | 53.9 | 49.7 | 1,575 |
| Bulemeezi | 51.4 | 48.5 | 5,896 |
| Kyaggwe | 42.0 | 39.0 | 4,309 |
| Buvuma | 41.0 | 30.4 | 8,287 |
| Busiro | 26.3 | 20.9 | 2,331 |
| Ssese | 18.2 | 18.1 | 9,219 |
| Kyaddondo | 16.3 | 5.2 | 761 |




Source: Uganda Bureau of Statistic
Compiled by Buganda Statistics Unit



b) **BUCADEF ewagidde amasaza agasoba mu kkumi (10) okufuna endokwa okutandika emmerezo.**

c) **Omubumbirano (digitized database) gw'abalimi oguddukanyizibwa ne tekinologiya. Abalimi 10,000 nga bawandiisibbwa ku mubumbirano guno.**

d) **BUCADEF ng'eri wamu ne bannamikago yabangula abalimi bangi ddala ku nsonga z'ebyobulimi.**







- BUCADEF ne Cafe Africa Uganda baasomesa n'okufulumya ebipande abalimisa b'Obwakabaka 18 bye bakozesa mu kusomesa abalimi ennima ey'omulembe ate nga ya mutindo.
- BUCADEF eteeseteese emisomo 51 ku kulima emmwanyi, ebitooke, n'okulima omuddo gw'ebisolo mu masaza kkumi (12).



- Ekitongole kya BUCADEF nga kiri ne bannamukago aba "Transformation Business Network" baabangula abavubuka n'abaweereza mu Bwakabaka 94 okuyita mu misingi gy'ennono okufuna obukugu bw'okutandika emirimu n'okufunamu ensimbi ez'omuzinzi n'okussa essira ku bulimi naddala ekirime ky'emmwanyi.



e) **Mwanyi Terimba Ltd - Kampuni y'Obwakabaka esuubula, esunsula, era n'okutunda emmwanyi ebweru wa Uganda eyongedde okunywera n'okugundiira mu mirimu gyayo.**



# Abavubuka 500 baatendekebwa

ekitongole kya Kampala Domestic Stores, wansi wa BUCADEF okwongera omutindo ku mmwanyi mu Buddu, Ssingo, Bulemeezi, Mawokota ne Gomba.






- Obungi bwa kase obwagulibwa bwali kiro 285,023 nga zino zaatundibwa Ugx. 3,939,215,358.

***Omweso ogulaga eby'obusuubuzi mu kitongole kya Mmwanyi Terimba Ltd (MTL)***

| Ekiseera | Kase Eyagulibwa | Ensimbi (Ugx) |
|---|---|---|
| Jul-23 | 20,979 | 230,769,000 |
| Aug-23 | 21,180 | 232,980,000 |
| Sep-23 | 884 | 9,724,000 |
| Oct-23 | 4,805 | 57,660,000 |
| Nov-23 | 27,677 | 332,124,000 |
| Dec-23 | 55,687 | 668,244,000 |
| Jan-24 | 33,053 | 378,292,508 |
| Feb-24 | 524 | 5,816,400 |
| Mar-24 | 18,409 | 248,693,900 |
| Apr-24 | 47,463 | 706,895,950 |
| May-24 | 31,970 | 718,115,600 |
| Jun-24 | 22,392 | 349,900,000 |
| Omugatte | 285,023 | 3,939,215,358 |

Mu mwaka gw'ebyensimbi guno, Mwanyi Terimba Limited yatunda emmwanyi mu mawanga gano; Libya, China, Algeria, Morrocco, South Africa, Russia,Dubai (UAE) ne Estonia. Obutale buno bubadde bulungi era nga butuwa ebbeeyi nnungi ddala.



Mu mwaka gw'ebyensimbi guno, Mwanyi Terimba Limited yatunda emmwanyi mu mawanga gano; Libya, China, Algeria, Morrocco, South Africa, Russia,Dubai (UAE) ne Estonia. Obutale buno bubadde bulungi era nga butuwa ebbeeyi nnungi ddala.

# Obutale Bwa MTL

- **China**
- **Russia**
- **Dubai**
- **Estonia**

- **Libya**
- **Algeria**
- **Morocco**
- **South Africa**













- **Okukunga abantu okunywa kaawa;** Tusomesa abantu ba Kabaka entakera emigaso enkumu egiri mu kunywa kaawa era twasoosowazaako bemigaso 10 egyekuusa ku byobulamu, nga twesigamye ku bannasaayansi.

- Obungi bwa kaawa omuntu bw'asaanidde okunywa buli lunaku; Omuntu anywa kaawa yandisaanidde okunywa wakati w'ebikopo bisatu (3) oba bina (4) olunaku.

- Kaawa Mpologoma atundibwa mu bifo 78; Amatundiro agali munda mu Bwakabaka (3) mu woofiisi ez'enjawulo, zi Ssemaduuka (43), Amatendekero g'Ebyenjigiriza (5), Amaduuka agasuubuza ebintu ebiriibwa (10), Bakitunzi kinnoomu (17).





# Okutwala mu maaso omulimu gw'abantu ba Buganda okwenyigira mu kulima, okulabirira omutindo gw'emmwanyi n'ebitooke.

- Katikkiro yalambula abalimi b'emmwanyi n'ebitooke mu Masaza okuli Buvuma, Kyaggwe, Mawogola, Kyaddondo, Buvuma, Buweekula ne Butambala.
- Ebbeeyi y'emmwanyi ebadde nnungi ddala mu sizoni eno era abalimi bakakasiza nti ddala "Emmwanyi Terimba".
- Aba CBS Pewosa Kyaddondo baatandika okuwola abalimi b'emmwanyi mu nteekateeka ya Mwanyi Terimba nga pulogulaamu eyitibwa MWANYI TERIMBA BBANJA








# 3.4 Eby'Ettaka

a) Bboodi ya BLB. Ssaabasajja Kabaka yasiima n'alonda Bboodi empya ey'ekitongole kya Buganda Land Board okulaba ng'emirimu gyongerwamu amaanyi era yatandika okukakkalabya gyayo.




b) Okusembeza Obuweereza mu bantu. BLB erina amatabi 9 ate ne "center" 9 omugatte bye bifo ebiwererezebwamu 18 okwongera okugondeza ku bantu ba Bbeene okufuna obuweereza mu masaza yonna gye bali.

**Amatabi ne ofiisi zaffe**

**9** *Amatabi*

**9** *Ofiisi zaffe*

**Amatabi**

Kibuga branch
Luweero branch
Mityana branch
Kyaggwe branch
Mpigi branch
Nansana branch
Njeru branch
Ndejje- Lufuka
Buddu branch

**Ofiisi zaffe**

Kasangati service center
Ssese service center
Mawogola service center
Kabula service center
Buweekula service center
Nakifuma service center
Kasawo-Njeru
Mpatta-Kyaggwe
Masuuliita

**AMATABI NE OFIISI ZAFFE**




c) Obwannanyini ku ttaka ly'Obwakabaka. Waliwo okugenda mu maaso mu kwongera okuwandiisa abantu ku ttaka n'okubawa ebyapa n'okugereka busuulu okusinziira mu mateeka ga Uganda. Fayiro 111,352 zaggulwaawo, ebibanja 2,304 byapimwa ate abantu 600 baaweebwa ebyapa mu mwaka gw'ebyensimbi gwe tumalako.

## Enkola nga bwe yali mu 2023 mu bufunze




**Okuteekateeka ebyapa**

Tajeti: 600

Ekyatuukibwako: 533

88.8%




**Okupima ebibanja**

Tajeti: 2,304

Ekyatuukibwako: 846

36.7%






**Fayiro ezaazukusibwa**

Tajeti: 111,352

Ekyatuukibwako: 45,505


40.8%



d) **Enkola ya Kagwirawo (Express Services)**

Ebyapa ebisoba mu 200 bye byakolebwa okuyita mu nkola eno omwaka 2023. Enkola eno ekyagenda mu maaso n'okuyamba abantu okufuna obuweereza obwa mangu naddala bwe baba beetaaga okupunta oba okubagobera ku byapa mu ngeri eya kagwirawo (Express).

e) **Okusomesa abantu mu Buganda ku mateeka, enkozesa n'emiganyulo gy'ettaka okubatangira omuze gw'okwetundako ettaka.**




Omwogezi waffe, Mw. Denis Bugaya (ku dyo) yakyazibwa ku NTV-Uganda okwogera ku ngeri omuntu gy'afunamu ettaka. Tukozesa emikutu egyenjawulo okutuuka ku bantu.




BLB ekola pulogulaamu 'Ettaka ye Nnyaffe' ku terefayina ya BBS ne ku leediyo ya CBS okusaasaanya amawulire agakwata ku ttaka mu bantu




Ebyapa ebisoba mu 200 bye byakolebwa okuyita mu nkola eno omwaka 2023.

## 3.5 Obutondebwensi ne Bulungibwansi

### a) Okukola Bulungibwansi ow'Omuggundu mu masaza

- Bulungibwansi ow'Omuggundu akoleddwa mu Masaza gonna. Butambala, Ssingo, Bulemeezi, Bugerere, Kyadondo, Kyaggwe gajjumbidde nnyo enteekateeka eno nga yeetabwamu abantu abaali wakati wa 900-1,000 buli gumu.
- Era essira liteekeddwa ku baana b'amasomero okwenyigira mu nteekateeka eno.







a) **Olunaku lw'Obutondebwensi mu Buganda.** Omwaka guno, enteekateeka zonna zitambuziddwa ku mulamwa "**Okuyingiza abaana abato mu nteekateeka z'okukuuma n'okutaasa Obutondebwensi okw'olubeerera". O**mukolo omukulu gwali ku ssomero lya Mengo SS e Bukesa mu Kampala.

- Amasomero ageetaba mu bulungibwansi kwaliko; St Denis Secondary School, Kampala kids, Ggaba ne Support disabled children's center. Ate ageetaba mu kukubaganya ebirowoozo ku nsonga z'Obutondebwensi okwayindira ku Buddo Parents School twalinayo; Mengo S.S, Madina Islamic School, Nsangi, Kololo S.S, Lubiri S.S, Baptist High school, Kitebi S.S, Greenhill Academy, Kibuli S.S ne Kyambogo College School.
- Amasomero agaayiiya enyimba n'ebitontome ku Butondebwensi mwalimu; Good Times Primary School, Kawaala, Winterland, Buddo Parents, Good Hope, Namirembe Infant, Mengo S.S, Earth Soldiers (children's group) ne Joy and Jolly Primary School
- Okussa mu nkola enteekateeka ey'okuyitimusa n'okusobozesa abantu okwettanira enkola ey'okufumbisa 'biogas' n'amasanyalaze g'amaanyi g'enjuba; Enteekateeka eno yatandikibwako e Bulemeezi wansi w'omukago n'ekitongole kya ECOSAVE. Abavubuka mwenda (9) baatendekeddwa mu kuzimba n'okuddaabiriza amatogero Biogas. Abavubuka musanvu (7) baatendekeddwa nga bakitunzi ba Biogas. Amatogero ga biogas 64 gaamaliriziddwa mu masaza omukaaga.




- Oweek. Mariam Mayanja Nkalubo yakiikirira Obwakabaka mu lukuŋŋaana olw'Amawanga Amagatte ku Butondebwensi (United Nations Framework Convention on Climate Change) okukubaganya ebirowoozo ku nkyukakyuka y'Obutondebwensi mu nsi yonna e Dubai.





- CBS PEWOSA NGO yateekateeka emisomo 7 ku kukuuma Obutondebwensi, abavubuka 290 (abawala 180 n'abalenzi 110) banno baatendekebwa ku nsonga z'ekituula ky'abantu n'obutaba nguko mu maka era basimbye n'emiti 381.





Okugaba, okusimba n'okulondoola emiti egisimbiddwa; Mu kukuza olunaku lwa Bulungibwansi ne Gavumenti ez'Ebitundu 2023, twasimba emiti egisoba mu 2000 nga tukolagana n'ebitongole okuli, Minisitule y'Amazzi mu Gavumenti eya wakati,, Rotary, n'ebirala ebitakabanira okukuuma obutondebwensi, twasimba emiti mu bitundu bya Akright ne Golf Course Kigo.

- Omwoleso gw'Obutondebwensi ne Bulungibwansi. Omwoleso gwakolebwa mu Ssaza Kyaddondo era amakampuni n'ebitongole 17 byayolesa.







- Okuwa abantu ba Kabaka endokwa z'emiti; Abantu 2,700 baafuna endokowa nga baleese Amakula nga bava mu ggombolola ezisoba mu 60.
- Enteekateeka z'ekibira kya Kabaka zitambula mu Masaza; Bulemeezi, Kabula, Bugerere, Ssingo, Kyaggwe, Mawokota, Ggomba, Busiro, Busujju, Buweekula, Mawogola, Butambala, Buvuma ne Ssese. Emiwendo giragiddwa wammanga egiraga obugazi obufuniddwa okusimba ekibira kya Kabaka wamu n'emiti egisimbiddwa mu mwaka gw'ebyensimbi oguweddeko. Yiika 196,000 ze zaazuulibwa mu nteekateeka eno era emiti 30,000 gyasimbibwa.

***Omweso ogulaga obugazi bw'ettaka n'endokwa z'emiti egisimbiddwako mu masaza ag'enjawulo***

| No. | Essaza | Ekifo | Obugazi | Emiti egisimbiddwa |
|---|---|---|---|---|
| 1. | Ssingo | DFI ku Ssaza<br>Busunju (Capucimi Fathers) | Yiika 20<br>Yiika 50 | 24,000<br>300 |
| 2 | Kyaggwe | Ggunda (ku Butaka bw'Abempindi ) Ggombolola Ssaabagabo Ngogwe.<br>Muzibo Ggombolola Ssaabagabo Ngogwe<br>Nkoko (Famire y'Omugenzi Ssennyonga Richard Bakubyemmaali ) Ggombolola Kasawo. | Yiika 20<br>Yiika 20<br>Yiika 14 | 400 |
| 3 | Mawokota | Ku Ssaza | Yiika 01 | 200 |
| 4 | Ggomba | Kyegonza ku Ggombolola | Yiika 06 | |
| 5 | Busiro | Ku Ssaza | Yiika 01 | 1,000 |
| 6 | Bugerere | Ku Ssaza | Yiika 01 | |
| 7 | Bulemeezi | Ku Ssaza | Yiika 10 | 200 |
| 8 | Busujju | Ku Ssaza | Yiika 02 | 400 |
| 9 | Buweekula | Kiyuuni ku Ggombolola | Yiika 02 | |
| 10 | Mawogola | Ku Ssaza | Yiika 01 | |
| 11 | Butambala | Ku Ssaza | Yiika 03 | |
| 12 | Ssese | Ku Kizinga Funve Ggombolola Mut.1 Mazinga | Yiika 20 | 3,000 |
| 13 | Buvuma | Ku Kizinga Kibibi Ggombolola Ssaabawaali Bwema | Yiika 20 | |
| 14 | Kabula | Ku Ssaza | Yiika 05 | 500 |
| | | **Omugatte** | **Yiika 196** | **30,000** |

- Twateekateeka ekyeggulo ekya ***"Ekibira Kya Kabaka Initiative"*** nga tukolagana ne bannamukago aba ***Uganda Biodiversity Fund ne Rotary Mission Green***, okusonda ensimbi ez'okusimba ekibira kya Kabaka mu masaza gonna. Kyavaamu ensimbi obukadde 64,400,000/=.




**b) Okunnyikiza enkola y'Amaka Amalungi, Akaalo Amatendo mu masaza.**

Okulambika amaka agali wakati wa 250 ne 300 mu masaza ag'enjawulo ku nteekateeka y'Amaka Amalungi Akaalo Amatendo kwakolebwa. Emisomo mu Masaza 6 gitegekeddwa; Butambala, Bulemeezi, Bugerere, Ssingo, Kyadondo, Kyaggwe, abantu abasoba mu 2,500 omuli n'abaana b'amasomero beetaaba mu misomo gino.








- Enteekateeka y'amaka okubeera n'ennimiro z'enva n'eddagala; Omulimu guno gwongedde okuyitimusibwa mu masaza ag'enjawulo era Minisita alondodde amaka 25 mu Kyaddondo ne Kabula.
- Emisomo 1,255 gyakolebwa kubutabanguko mu maka era abantu 10,641 be baagyetabamu (8,022 abakyala n'abaami 2,619).



## 3.6 Obutale n'Obwegassi

- Waliwo okugenda mumaaso kwa maanyi mu bibiina by'obwegassi ebirina akakwate ku Bwakabaka. Okutereka mu bibiina bino kukunukkiriza obuwumbi 30 ate eziwolwa zisusse mu buwumbi 21.

| Omweso Ogulaga Obuzito bw'Ebibiina by'Obwegassi Ebiri ku Musingi gw'Obwakabaka mu Uganda | | | | |
|---|---|---|---|---|
| ERINNYA LY'EKIBIINA | EMIGABO | ENSIMBI EZENSIBO (RESERVES) | OKUTEREKA | OKUWOLA |
| | Shs. | Shs. | Shs. | Shs. |
| **CBS PEWOSA** Eyeterekera Nsindika Njake **SACCO** | 1,417,655,805 | 416,484,398 | 9,526,696,265 | 4,899,469,374 |
| Buddu CBS PEWOSA SACCO | 2,717,754,296 | 1,132,395,925 | 11,207,296,727 | 5,099,939,212 |
| Busiro CBS PEWOSA SACCO | 625,711,100 | 15,893,762 | 1,929,250,740 | 2,799,995,990 |
| Kyaddondo CBS PEWOSA SACCO | 1,626,071,234 | 348,794,078 | 3,989,906,601 | 5,585,629,120 |
| Essuubiryo Zambogo SACCO | 830,300,000 | 55,861,137 | 756,347,936 | 1,425,269,419 |
| BULADDE Financial Services | 100,000,000 | 58,239,719 | 610,140,753 | 766,158,991 |
| Ssese CBS PEWOSA Limited | 184,443,160 | 0 | 200,153,831 | 531,237,442 |
| Kabula CBS PEWOSA SACCO | 50,290,000 | 0 | 141,496,000 | 46,700,000 |
| **OMUGATTE OGW'EBIBIINA BYONNA** | **7,552,225,595** | **2,027,669,019** | **28,361,288,853** | **21,154,399,548** |

- **Ebibiina by'obwegassi ebitandikiddwawo ebya CBS PEWOSA SACCO omwaka guno biri bitaano.**

SACCO mu masaza Bulemeezi, Kyaggwe, Ssingo, Mawokota, Butambala ne Ssese zawandiisibwa. SACCO endala emu (01) CBS Fans Club SACCO, nayo eteekebwateekebwa.

- SACCO zitandise okweyunira enkozesa ya tekinologiya era Kyaddondo CBS PEWOSA etandiseewo enkola ya "International Getway" okuweereza abantu abali e USA ne Canada. Eyeeterekera SSACO erina enkola ya Cente Agent, baweereza abantu abali mu UK ne UAE, baggulawo n'ekibanja ku mutimbagano- Website. Ne Essuubiryo Zambogo balina enkola ya "Paypad" era baweereza abantu mu nsi yonna. Enkola y'okusiga ensimbi nga beeyambisa tekinologiya mu Kyaddondo CBS Pewosa Sacco, yatongozebwa.



- Abantu ba Ssaabasajja kati basobola okunyiga *284*44# ku ssimu zaabwe okufuuka bammemba, okutereka, okwewola n'okusiga ensimbi buli lunaku ne bafuna amagoba agali wakati wa 12% ne 18%. Eyeeterekera yassa ensimbi mu nkola ya "Setlite Office" okugonza obuweereza.
- Ebibiina byaffe byonna bikozesa emitimbagano okutuusa empeereza ku bammemba.
- **Okubunyisa emisomo gy'Obwegassi (Kola, Fissa, Tereka, weewole, siga) mu masaza gonna.** Minisitule yategeka emisomo 04; mu masaza Kyaggwe, Bulemeezi ne Ssingo wansi w'Omukago ne Uganda Co-operative Alliance.
- Minisitule yeetaaba mu pulogulaamu ku Laadiyo 12 okusomesa abantu ku butale, obwegassi n'obulimi.
- Ebibiina byaffe ebya PEWOSA byonna birina abasomesa abasukka mu 100 abakola omulimu guno: Eyeterekera Nsindika Njake CBS PEWOSA emisomo 03 buli mwezi; Busiro CBS PEWOSA 02 buli mwezi; Kyaddondo CBS PEWOSA 03 buli mwezi; Buddu 03 buli mwezi .
- Tutonzeewo ebibiina 386 e Mawokota ne Butambala mu nteekateeka ya CBS PEWOSA (Community Managed Saving Groups Project - CMSG) era abantu abettanidde ebibiina beeyongera ebitundu 11% buli mwaka
- Ensimbi eziwolebbwa ziri 1,257,578,600/= nga zikola amagoba ga 3,060,658,800/=.



*Ensimbi eziwolebbwa ziri*
***1,257,578,600/=***
*nga zikola amagoba ga*
***3,060,658,800/=***

## 3.7 Ebyenjigiriza








**a) Muteesa I Royal University**

***Abayizi 1,379 (673 abawala, 706 abalenzi)***

*be baatikkirwa mu masomo ag'enjawulo ku Buganda Royal Institute of Business and Technical Education (BRIBTE).*

- 491 Dipulooma
- 732 Satifikeeti
- 156 baali mu nkola ya Directorate of Industrial Training; Domestic Electrician, Plumber, Building, Catering, Hair Dressing, Barkery, Motor Vehicle Mechanics, Computer Repair.

## b) Muteesa I Royal University okufuna Kyata



NOW THEREFORE, by these presents, be it known that in the exercise of the powers conferred upon me by the Constitution and by Section 102(2) of the Universities and Other Tertiary Institutions Act, 2001, as amended.


I, Yoweri Kaguta Museveni, President of the Republic of Uganda, HEREBY grant the Charter annexed hereto, to MUTEESA I ROYAL UNIVERSITY.

GIVEN under my hand and the Public Seal of the Republic of Uganda this 11th day of March in the year 2024

YOWERI KAGUTA MUSEVENI

PRESIDENT OF THE REPUBLIC OF UGANDA





NCHE National Council for Higher Education
Ensuring Quality for Excellence

Ref: NCHE/GR/AL/02

6th November, 2023

The Vice Chancellor,
Muteesa I Royal University,
P.O Box 322,
Masaka- Uganda

**RE: NEWLY ACCREDITED ACADEMIC PROGRAMMES**

I am pleased to inform you that after due consideration, Council at its 73rd Meeting of 13th October, 2023 under **MIN. 567/73/2023**, accredited the academic programmes indicated below for the specified admissible numbers of students with effect from 13th October, 2023.

| Programme Name | Admissible Number of Students per Year |
|---|---|
| 1. Master of Business Administration | 30 |
| 2. Masters of Educational Management and Administration | 25 |
| 3. Masters of Arts in Mass Communication | 15 |
| 4. Masters of Arts in Peace and Human Rights | 30 |

I wish to remind you that under section 119(A) of the University and Other Tertiary Institutions Act 2001 as amended, you shall not run any academic programmes that have not been accredited by National Council for Higher Education (NCHE). Please urge your staff members to implement these programmes in accordance with the regulations of NCHE. Officers of the NCHE shall review the implementation during their periodic administrative and monitoring visits to your institution.

I also wish to draw your attention to Statutory Instrument No. 17 of 2010 which requires every student to contribute Shs. 20,000 (Twenty Thousand shillings only) per year to the National Council for Higher Education. Furthermore, you are reminded that with effect from November 2021, Uganda Revenue Authority (URA) took charge of collecting the said students contribution. You are, therefore, required to advise students to visit the URA portal for the statutory payment

Professor Mary J.N. Okwakol PhD
**EXECUTIVE DIRECTOR**

Copy to: Academic Registrar



NCHE National Council for Higher Education

Oluvannyuma lw'okusemba kwa National Council for Higher Education, omukulembeze w'eggwanga yakakasa okusemba kuno era Muteesa I Royal University n'eweebwa Kyata. Kino kyayongedde ettutumu lyayo era tusuubira nti abayizi bagenda kweyongera okugyettanira.



- ***Amasomo 4 amalala gaakakasibwa ekitongole ekitwala ebyenjigiriza erya diguli ey'okubiri (Masters).***







- Abayizi 550 be batikkiddwa mu mwaka 2023 ku Ssettendekero wa Muteesa I Royal University; abawala bali 363 (63%), ate abalenzi 217 (37%).
- Ssettendekero wa Kabaka yabangawo enkolagana n'ekitongole ky'ebyobulimi mu Uganda ekya National Agricultural Research Organisation (NARO), mu kaweefube gwe baliko okutandikawo essomo ly'okubangula abayizi mu ssomo ly'ebyobulimi mu kunoonyereza, n'enkozesa y'ebyuma ebikozesebwa mu kulima.




## C) Kalaamungabo Pulojekiti

Bannabyanjigiriza abalina amasomero g'obwannanyini baawaayo bbasale enzijuvu za buwumbi obusoba mu 2 okumala ebbanga lya myaka 4 okusobozesa Kabaka Education Fund okuwagira ebyenjigiriza mu Buganda mu nteekateeka eyagunjibwawo eya "Kalaamungabo".

*Omweso Ogulaga Olukalala lw'Abayizi abali ku Nteekateeka ya Kalaamungabo*

| NA | ERINNYA LY'OMUYIZI | EKIKULA | EKIKA | EKIBIINA | ESSOMERO | E SSAZA |
|---|---|---|---|---|---|---|
| 1 | BUKIRWA MARIAM | MUWALA | MBOGO | S.1 | LUBIRI HIGH SCH. MAIN | KYADDONDO |
| 2 | NABATANZI LETICIA | MUWALA | LUGAVE | S.1 | LUBIRI HIGH SCH. MAIN | KYADDONDO |
| 3 | MUKISA JOSHUA KASIBANTE | MULENZI | NTE | S.1 | LUBIRI HIGH SCH. BULOBA | BUSIRO |
| 4 | LUKWAGO JOSEPH | MULENZI | NKIMA | S.1 | LUBIRI HIGH SCH.BULOBA | MAWOKOTA |
| 5 | NAMANDA FLAVIA | MUWALA | NTE | S.1 | NKOWE HIGH SCHOOL | SSESE |
| 6 | NALUBULA KISAKYE LATIFA | MUWALA | NJOVU | S.1 | NKOWE HIGH SCHOOL | BUSIRO |
| 7 | SSEKANDI JOSEPH | MULENZI | NJOVU | S.1 | AGGREY MEMORIAL | MAWOKOTA |
| 8 | BATWELINDE JOSEPH KAKULE | MULENZI | NTALAGANYA | S.1 | AGGREY MEMORIAL | BUSUJJU |
| 9 | NANYONDO RAHUMAH | MUWALA | NTE | S.1 | PRIDE ACADEMY SCHOOL | BUSUJJU |

| *Omweso Ogulaga Olukalala lw'Abayizi abali ku Nteekateeka ya Kalaamungabo* | | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|
| **NA** | **ERINNYA LY'OMUYIZI** | **EKIKULA** | **EKIKA** | **EKIBIINA** | **ESSOMERO** | **E SSAZA** |
| 10 | SSWANKAMBO RONNIE | MULENZI | NKIMA | S.1 | PRIDE ACADEMY SCHOOL | MAWOKOTA |
| 11 | NAKYANZI MARY | MUWALA | NTE | S.1 | ST.MARK'S COLLEGE NAMAGOMA | SSESE |
| 12 | SSEMATIMBA ASHIRAFU | MULENZI | NJAZA | S.1 | ST.MARK'S COLLEGE NAMAGOMA | SSESE |
| 13 | SSEBBANJA IQRAH | MULENZI | MBOGO | S.1 | BUDDO SS | KYADDONDO |
| 14 | MUTESI PRECIOUS DAPHNE | MUWALA | NGABI | S.1 | BOSTON HIGH SCHOOL-MPALA | BULEMEEZI |
| 15 | NAMUYOMBA SANDRA | MUWALA | NGABI | S.1 | BOSTON HIGH SCHOOL-MPALA | BUSIRO |
| 16 | SEKAJJA SYLVESTER | MULENZI | NVUMA | S.1 | ST. MARY'S COLLEGE LUGAZI | KYAGGWE |
| 17 | KAGOYA YVONNE KISAKYE | MULENZI | MAMBA | S.1 | ST.MARY'S COLLEGE LUGAZI | KYAGGWE |
| 18 | JJUUKO AKRAM KISSEKA | MULENZI | MPOLOGOMA | S.1 | OUR LADY OF AFRICA SCHOOL N. | BUSIRO |
| 19 | LWERE LAWRENCE | MULENZI | MBOGO | S.1 | OUR LADY OF AFRICA SCHOOL N. | KYAGGWE |
| 20 | NAKATO TRACY NANSASI | MUWALA | MAMBA | S.1 | KIREKA HIGH SCHOOL | KYADDONDO |
| 21 | GITTA SADAT AHMED | MULENZI | NVUMA | S.1 | KIREKA HIGH SCHOOL | KYADDONDO |
| 22 | NAKYEWA JOVIA | MUWALA | NGABI | S.1 | HORIZON OF LAWRENCE | BUSIRO |
| 23 | LWANGA SHAMSA | MULENZI | MBWA | S.1 | HORIZON OF LAWRENCE | KYADDONDO |
| 24 | NAMUKWAYA MARTHA SSENKATUUKA | MULENZI | MBOGO | S.1 | KISUBI MAPEERA | BUSIRO |
| 25 | NAKANDA MARIAM | MUWALA | NGABI | S.1 | KISUBI MAPEERA | KYADDONDO |
| 26 | NAKALEMA SHANITAH | MUWALA | MPOLOGOMA | S.1 | MARY'S ASSUMPTION | KYAGGWE |
| 27 | NABANJA MARGARET | MUWALA | MAMBA | S.1 | MARY'S ASSUMPTION | BUSUJJU |
| 28 | KADDU JIBRIL KINTU | MULENZI | NGO | S.1 | HAWA SSS | BUGERERE |
| 29 | JJAMBA HENRY | MUWALA | LUGAVE | S.1 | HAWA SSS | SSESE |
| 30 | LUKYAMUZI ALOYSIUS | MULENZI | NTE | S.1 | ACADEMY OF ST. LAWRENCE | SSESE |
| 31 | NANKINGA GENEVIEVE KIRABO | MUWALA | LUGAVE | S.1 | ACADEMY OF ST. LAWRENCE | MAWOGOLA |
| 32 | DDAMULIRA PAULINE | MUWALA | MAMBA | S.1 | STANDARD HIGH ZZANA | BULEMEEZI |
| 33 | KALIBWANYI AUGUSTINE | MULENZI | LUGAVE | S.1 | STANDARD HIGH ZZANA | KABULA |

| *Omweso Ogulaga Olukalala lw'Abayizi abali ku Nteekateeka ya Kalaamungabo* | | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|
| NA | ERINNYA LY'OMUYIZI | EKIKULA | EKIKA | EKIBIINA | ESSOMERO | E SSAZA |
| 34 | KAYABULA ALEX | MULENZI | NTE | S.1 | SACRED HEART-WAMILONGO | SSESE |
| 35 | SSEMAKULA JORAM LUYIMA | MULENZI | LUGAVE | S.1 | AMITY SSS | BUSIRO |
| 36 | SSONKO RASHEAD LUWEMBA | MULENZI | NGONGE | S.1 | AMITY SSS | GOMBA |
| 37 | NAJJUKO ANGELLA | MUWALA | MPOLOGOMA | S.1 | ST.BALIKUDDEMBE -KISOGA | BUTAMBALA |
| 38 | WALUGEMBE JOHN KENNETH | MULENZI | MPOLOGOMA | S.1 | ST.BALIKUDDEMBE -KISOGA | BUDDU |

### d) Sikaala z'Abayizi Abasoma Obusawo Obuzaalisa mu Mengo Training School

Abayizi 6 okuva mu masaza baaweebwa sikaala enzijuvu okusoma obusawo obuzaaliwo mu ttendekero ly'abasawo ery'e Mengo. Enteekateeka eno eri wansi w'omukago wakati w'Obwakabaka n'eddwaliro lya Mengo Hospital.

| OMWESO OGULAGA ABAYIZI ABASOMA OBUSAWO KU E MENGO | | | | |
|---|---|---|---|---|
| ERINNYA LY'OMUYIZI | EKIKA KYE | EKIKULA | EBBALUWA | ESSAZA |
| NAMAYEGA SHALUWAH | ENYONYI NAKINSIGE | MUWALA | SATIIFIKATI | BUSIRO |
| NABUULE LILLIAN | MMAMBA | MUWALA | SATIIFIKATI | BUSIRO |
| NEKESA BRITINY | MBWA | MUWALA | SATIIFIKATI | KYAGGWE |
| NAKAWUKI TRACY | NKIMA | MUWALA | SATIIFIKATI | BUSIRO |
| NASSOLO STELLA | GGOMA | MUWALA | SATIIFIKATI | BULEMEEZI |
| NAKAGIRI SHIRA | MPEEWO | MUWALA | SATIIFIKATI | KYADDONDO |

f) **Essomero lya Bbowa Secondary Vocational School,** Ekizimbe ekipya (Matumpaggwa) ekiriko ebibiina bina, woofiisi y'omukulu w'essomero n'ekisenge ekiteeserezebwamu (board room) kyazimbibwa, bibiina byassibwamu entebe (desks) empya 100 nga zituuza abayizi 3 buli emu; Woofiisi y'Omukulu w'Essomero yassibwamu ebibajje ebipya, Ekizimbe ekikadde eky'ebisenge 6 kyaddaabirizibwa ne kidda bubya. Amadirisa, enzigi n'amabaati byonna byakyusibwa, Ebiyigo by'abayizi byagayizibwa n'okubitereeza ne bituuka ku mulembe, Essomero lyafuna standby generator, Photocopy ennene yagulibwa, Effumbiro ly'essomero lyazzibwa buggya n'ebikozesebwa ebipya byagulibwa, Ebizimbe byassibwako fire extingushers, Ebitanda 50 ebisulwako abayizi 2 byagulibwa, Amakakkalabizo gonna galimu kompyuta.









Enteekateeka eyo yakubisaamu emirundi ebiri, abaana abaali 156 kati bali 315 ate nga buli lusoma beeyongerako.

- Twazimba Early Childhood Development Centre (ECD) e Bulemeezi

Essomero ly'abato e Bamunaanika lyazimbiddwa Obwakabaka nga tuli wamu ne bannamukago aba IREAD era lyaggulwawo Oweek. Choltilda Nakate Kikomeko. Kino kiwadde abaana abato omukisa okutandika okuyiga ku mutendera gw'emyaka egisooka mu kitundu ekyo.











- Bbasale ezikunukkiriza okuwera 400 ze ziweereddwa abayizi ku ntandikwa y'omwaka guno mu nkola ya 'Kabaka Education Fund', abaana 42 okuva mu Masaza ag'enjawulo be baafuna sikaala enzijuvu.

PEWOSA.








- Enteekateeka ya CBS PEWOSA Bonga ey'okusomesa abavubuka abali wakati w'emyaka 13 – 18 egenda mumaaso era ebifo 32 bitondeddwawo mu Wakiso ne Mpigi okutumbul a okusomesa emirimu gy'emikono era abaana 800 (abawala 447 n'abalenzi 50) be basomeseddwa mu mirimu egiyingiza ensimbi. Baterese ensimbi 8,580,000/=.






- Okutendeka abavubuka abali wakati w'emyaka 18 - 25 mu mirimu gy'emikono (Community-based Vocational Skills Training Project - CVST/TVET) kwakolebwa era abavubuka 513 (abawala 315 n'abalenzi 198) baatendekebwa okukanika emmotoka, pikipiki, okwokya ebyuma, okubajja (naddala abalenzi), okukola emigaati, okusiba enviiri, okukola amanda n'okutunga engoye mu bifo 36 ebiteereddwawo mu bitundu eby'enjawulo.

## 3.8 Federo ey'Ebikolwa n'ey'Amateeka

### a) Okunyweza n'okulambika abaami ku mitendera gyonna naddala mu Gavumenti ez'Ebitundu.

- Olukiiko lw'Abaamasaza, Abaamagombolola ne Katikkiro zaatuula okulaba nga balambikibwa ku nsonga enkulu mu Bwakabaka n'okunyweza obukulembeze bwabwe mu bitundu bye bavunaanyizibwako.




- Okweyanjula kw'Abeemiruka ku Masaza kwakolebwa.

- Enkiiko ez'Abaami b'amasaza ez'ebbanga eggere zaatuuzibwa okulaba nga obuwereeza bwabaami butojera bulungi







- Abaami b'Emiruka, Amagombolola wamu n'abatongole baatuuzibwa n'enkiiko zaabwe ne zitongozebwa.
- Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu Oweek. Joseph Kawuki, Omuwandiisi Owenkalakkalira mu Woofiisi ya Katikkiro Omuk. Josephine Nantege Ssemanda, baasisinkana ba Nnampala mu Bwakabaka mu Bulange, okuggumiza obuweereza ng'omwaka gutandika.

b) **Okuteekawo empuliziganya n'abakulembeze mu Gavumenti eya wakati kwali kwa muggundo.**




- Sipiika wa Paalamenti ya Uganda, Rt. Hon. Annet Anita Among, Omumyuka we Hon. Thomas Tayebwa wamu n'ababaka ba Paalamenti baakiika embuga.








- Katikkiro yakyaza akulira oludda oluwabula Gavumenti Hon. Joel Ssenyonyi.
- Omubaka wa Nyendo Mukungwe era Kamisona wa Paalamenti Oweek. Mathias Mpuuga, n'Omubaka wa Busiro East Hon. Medard Lubega Sseggona.





- **Secretary** General wa NRM, Hon. Richard Todwong, yakyalako Embuga.



- Katikkiro yasisinkana Ambasada Wasswa Biriggwa, ate nga munnabyabufuzi omukuukuutivu mu FDC.



- Bannakisinde ki "Patriotic League of Uganda" nabo tebalutumirwa mwana





- Ssenkulu wa Uganda Revenue Authority John Musinguzi, yakyalako Embuga era ne bagula satifikeeti ya bukadde butaano 5M).




- Dr. Chris Mukiza, Ssenkulu wa Uganda Bureau of Statistics naye yakiika embuga era n'asaba Kamalabyonna n'Obuganda okuwagira omulimu gwokubala abantu.





- Omubaka wa Butuluuki mu Uganda H.E Mehmet Fatih yakyalako Embuga ne boogera ku nsonga ez'enjawulo ez'enkulaakulana naddala ebikwata ku bavubuka n'okwettanira tekinologiya.





c) **Okuwuliziganya ne bannaddiini okulaba nga tutambulira wamu naddala mu nkulaakulana wamu n'obuntubulamu**

- Archbishop Pr. Dr. Moses Maka Ndimukika, Ssaabalabirizi wa Seventh-Day Adventists Church mu Uganda, wamu n'abakulembeze b'ekkanisa ab'enjawulo nga bakyadde embuga era beetikka ettu lya bukadde kumi (10M).













- Omulabirizi w'e Namirembe Rt. Rev. Moses Banja yakyalako Embuga
- Omulabirizi w'e Luweero Rt. Rev. Wilson Kisekka, yakyalako Embuga n'olukiiko lw'akulembera nalwo Obulabirizi buno.
- Omusumba w'e Najjanankumbi mu Kkanisa y'Abaadiventi mu Uganda, Bp. Noah Ssekitto ng'akyadde Embuga.








d) **Abamawulire nabo banyikiza enkolagana n'Obwakabaka nga bakiika Embuga.**

- Ssaabasajja yasiima n'agabula bannamawulire abasaka ag'e Mmengo, ettu lya Ssekukkulu okubasiima olw'okusaka n'okunyisa amawulire ag'Embuga.
- Akulira ekitongole ky'amawulire ki "Nation Media Group", Omuky. Susan Nvumirwa Nsibirwa, n'akulira Bboodi yaabwe Omw. Samuel Ssejjaaka, baakika Embuga okunyweza enkolagana n'Obwakabaka ku nsonga z'ebyamawulire.
- Ssenkulu wa UBC Omw. Winston Agaba David, ne ttiimu ye gyakulembera nayo ekitongole kino baakiika embuga okukubaganya ebirowoozo ku ngeri gye basobola okukolaganira awamu ne BBS Terefayina okutumbula eby'empuliziganya mu Uganda yonna.













e) Okuteekawo enkola ey'okuwuliziganya mu ngeri ey'olutentenzi n'obukulembeze obw'ennono obuli mu Uganda n'okussaawo obwa sseruganda nakwo kwakolebwa bulungi ddala

- Oweek. Dr. Anthony Wamala, yakiikirira Obwakabaka ku mukolo gw'okutuuza Umukuuka III, Jude Mike Mudoma, omukulembeze wa Bamasaaba mu Uganda.
- Obwakabaka bwawagira enteekateeka z'embaga ya Kyabazinga wa Busoga n'obukadde 144.



**Obwakabaka bwawagira enteekateeka z'embaga ya Kyabazinga wa Busoga n'obukadde 144**









- Obwakabaka bwakiikirirwa ku mbaga ya Kyabazinga. Omukubiriza w'Olukiiko lwa Buganda, Oweek Patrick Luwaga Mugumbule, ng'akwasa Kyabazinga William Wilberforce Nadiope Gabula IV, obubaka bwa Ssaabasajja Kabaka. Maama Nnabagereka yeetaba ku mukolo gw'embaga eno.





- Omuhikirwa wa Bunyoro Andrew Byakutaaga yakyalirako Katikkiro mu woofiisi ye okwogera ku nsonga ez'ensonga ez'obukulembeze.

- Katikkiro yakyalira Chief Kgosi Puso Kaburone, The Chief of Chiefs mu Botswana








- Katikkiro w'Obwakabaka bwa Eswatini, Russel Mmiso Dlamini yakyalako mu Bwakabaka ng'ali wamu ne Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu mu Eswatini, Dlamini S'khumbuzo, n'Omubaka wa Eswatini mu Uganda H.E Bamwine Quillino.







- Omulangira w'e Edinburgh (The Duke of Edinburgh) okuva e Bungereza, Edward Antony Richard Louis yakyalako mu Bwakabaka n'atuusa obubaka bwa Ssaabasajja eri Nnaalinnya Lubuga Agnes Nabaloga.









- Obwakabaka bwateeka omukono ku ndagaano ey'okukolaganira awamu n'enteekateeka za Duke of Edinburgh, Prince Edward, ez'enkulaakulana n'okutumbula embeera z'abavubuka mu Bwakabaka.










## f) Luwalo Lwaffe

- Abantu ba Buganda baawagira emirimu gy'Obwakabaka mu nteekateeka ya Luwalo lwaffe n'ensimbi eziwerera ddala Shs. **1,563,777,799/=.** Oluwalo lwatikkulwa emirundi 43 okuva mu Ggombolola 168 nga eggombolola 7 zokka ze zitaakiika Mbuga.

- Bwogeraageranya n'omwaka 2022, oluwalo olwaleetebwa e Mbuga zaali Shs. 934,519,592/= ekitegeeza nti ensimbi ezaava mu luwalo zeeyongera ebitundu 65.5%.

- Ensimbi zino zaakuŋŋaanyizibwa okuva mu Magombolola ag'enjawulo agakola amasaza ga Buganda nga muno mulimu ag'omunda n'ebweru w'eggwanga. Essaza eryasinga okuleeta oluwalo lyali Kyaddondo ne Shs. **349,871,000/**= ne liddirirwa Buddu eyaleeta Shs. **202,919,300/=.**

| *Omweso ogulaga Amasaza ga Buganda 18 nga bwe gaakuŋŋaanya oluwalo mu mwaka gw'ebyensimbi 2023/2024* | | |
|---|---|---|
| **No** | **Essaza** | **Ensimbi (Ushs)** |
| 1 | Kyaddondo | 349,871,000 |
| 2 | Buddu | 202,919,300 |
| 3 | Busiro | 161,243,600 |
| 4 | Ssingo | 138,110,300 |
| 5 | Kyaggwe | 132,457,000 |
| 6 | Mawokota | 101,605,000 |
| 7 | Bulemeezi | 86,573,100 |
| 8 | Ggomba | 41,960,000 |
| 9 | Mawogola | 41,024,300 |
| 10 | Buweekula | 26,620,000 |
| 11 | Bugerere | 22,415,000 |
| 12 | Busujju | 20,685,000 |
| 13 | Ssese | 18,532,000 |
| 14 | Butambala | 14,760,000 |
| 15 | Buvuma | 14,110,000 |
| 16 | Kooki | 13,051,100 |
| 17 | Kabula | 11,128,100 |
| 18 | Buluuli | 8,345,000 |

- **Eggombolola Ezaasinga Okujjumbira Oluwalo**

Eggombolola ya Mut. III Makindye ye yasinga okukola obulungi ne baddirirwa Mut. IV Masekkati - Kampala era Mumyuka Wakiso yakwata kyakusatu. Ggombolola 10 ezaakulembedde mu kukuŋŋaanya ensimbi ze zino:

| *Omweso Ogulaga enzijumbira y'Eggombolola mu Luwalo* | | | |
|---|---|---|---|
| **No** | **Eggombolola** | **Essaza** | **Ensimbi (Ugx)** |
| 1 | Mut III Makindye | Kyaddondo | 80,490,000 |
| 2 | Mut IV Masekkati - Kampala | Kyaddondo | 77,775,000 |
| 3 | Mumyuka Wakiso | Busiro | 44,343,500 |
| 4 | Mukulu wa Kibuga | Kyaddondo | 42,840,000 |
| 5 | Ssaabagabo Nsangi | Busiro | 35,986,600 |
| 6 | Ssaabagabo Lufuka | Kyaddondo | 30,211,000 |
| 7 | Mut IV Kawuga | Kyaggwe | 28,415,000 |
| 8 | Mumyuka Kammengo | Mawokota | 25,630,000 |
| 9 | Ssaabagabo Muduuma | Mawokota | 22,790,000 |
| 10 | Mut II Nabweru | Kyaddondo | 21,142,000 |

- **Oluwalo Okuva mu Masaza g'Ebweru wa Buganda mu Uganda**

Amasaza ga Kabaka ana (4) agali wabweru wa Buganda gaaleeta oluwalo lwa bukadde 18,970,000/=.

| **Omweso Ogulaga Ensimbi z'Oluwalo okuva mu Masaza g'Ebweru wa Buganda mu Uganda** | | |
|---|---|---|
| **No.** | **Essaza** | **Ensimbi** |
| 1 | Busia Malaba | 6,250,000 |
| 2 | Ankole Kigezi | 6,200,000 |
| 3 | Busoga | 3,930,000 |
| 4 | Mbale | 2,590,000 |
| | Omugatte | 18,970,000 |




Oweek. Joseph Ssenkumba (ku ddyo), Omwami wa Kabaka atwala essaza lya Busia, Tororo, Malaba



*Amasaza ga Kabaka mu bitundu by'ebweru wa Uganda gaaleeta oluwalo lwa bukadde* **68,240,262/=**

- **Oluwalo Okuva mu Masaza g'Ebweru wa Uganda**

Amasaza ga Kabaka mu bitundu by'ebweru wa Uganda gaaleeta oluwalo lwa bukadde 68,240,262/=.

| Omweso Ogulaga Ensimbi z'Oluwalo Ezaava mu Masaza g'Ebweru wa Uganda 14 | | | |
|---|---|---|---|
| **No.** | **Essaza** | **Omwami w'essaza** | **Ensimbi** |
| 1. | New England. | Oweek. Henry Matovu | 21,250,000 |
| 2. | United Kingdom | Ssaalongo Geoffrey Kibuuka | 17,056,200 |
| 3. | Northern California | Oweek. Nalikka Patrick Ssendegeya | 10,360,000 |
| 4. | Pacific North West America | Eng. Moses Mayanja Ggayi | 7,000,000 |
| 5. | Mid Atlantic America | Oweek. Margaret Muwonge | 5,400,000 |
| 6. | South West America | Oweek. Fred Ssentamu | 4,403,332 |
| 7. | North Coast America | Oweek. Fred Makubuya | 3,819,240 |
| 8. | Scandinavia | Oweek. Nelson Mugenyi | 3,500,000 |
| 9. | Mid-West America - Chicago | Abdul Aziz Wasswa D. | 3,000,000 |
| 10. | Rocky Mountains | Omubaka DC Kiyemba | 1,661,490 |
| 11. | Rhinelands | Omub. Samuel Sekajugo | 1,150,000 |
| 12. | Canada | Oweek. Estella Muyinda | 750,000 |
| 13. | South East America – Atlanta Georgia, Florida | Oweek. Lukabwe Gwayambadde | 3,960,000 |
| | Omugatte | | 68,240,262/= |

Kino kivudde ku nsonga zino wammanga;

i. Obwagazi bw'abantu ba Kabaka eri Nnyininsi.

ii. Obunyiikivu bw'Abaami ba Ssabasajja Kabaka abakulembeze mu bitundu ebyenjawulo ku nsonga eno.

iii. Obwerufu n'entebya obweyoleka mu nkozesa y'ensimbi z'Obwakabaka n'oluwalo.

iv. Ebibala ebiva mu nteekateeka za Gavumenti ya Beene naddala Mwanyi Terimba, CBS PEWOSA n'ebyobulamu.







- Twayanjulira Obuganda entebya y'Oluwalo lwaffe 2023 mu bulambulukufu.

| ***Omweso Ogulaga Entebya y'Ensimbi Ezaava mu Luwalo Lwaffe Omwaka 2023*** | | |
|---|---|---|
| **No.** | **Emirimu Egyakolebwa** | **Omuwendo** |
| 1. | Okukola ku mulimu gw'okuzzaawo Amasiro e Kasubi | 208,978,171/= |
| 2. | Okuwagira ensiisira z'ebyobulamu n'okulwanyisa obulwadde bwa Mukenenya | 131,534,824/= |
| 3. | Kabaka Education Fund (KEF) | 98,000,000/= |
| 4. | Enteekateeka ya Mwanyi Terimba | 202,000,000/= |
| 5. | Okusima enzizi mu Buganda | 68,240,262/= |
| 6. | Okuwagira okuzimba Amalwaliro g'Obwakabaka 3 ery'e Ssingo, Buddu n'e Kyaggwe | 257,464,249/= |
| 7. | Enteekateeka ya Luwalo lwaffe | 72,633,100/= |
| 8. | Okukola emirimu ku Magombolola (Akasiimo eri Abaami ab'Amagombolola - Commission 10%) | 154,671,980/= |
| 9. | Okukola emirimu mu masaza (Akasiimo eri Abaami b'Amasaza - Commission 3%); | 41,761,435/= |
| 10 | Okusembeza abaleeta oluwalo (emmere n'amazzi) | 121,200,500/= |
| 11 | Okukubisa satifikeeti ebbaasa omusabikibwa certificates, fuleemu | 207,293,278/= |



g) Twateekateeka Olusirika lw'Abakulembeze mu Bwakabaka 2024 wansi w'Omulamwa: ***"Okuseeseetula Enteekateeka z'Obwakabaka okuva mu Pulojekiti okudda mu Pulogulaamu nga Tunnyikiza Federo ey'Ebikolwa".***












- Omusomo gw'abakulembeze b'essaza ly'e Busia Malaba ne Tororo gwategekebwa era gwaggulwawo Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu, okulambula kwa Kabaka n'ensonga za Buganda ebweru, Oweek. Joseph Kawuki. Omuwandiisi ow'Enkalakkalira mu Woofiisi ya Katikkiro Omuk. Josephine Nantege Ssemanda ye yali omusomesa omukulu.

- Omubaka wa Ssaabasajja Kabaka mu Ssaza Busia Malaba ne Tororo, Oweek. Joseph Ssenkumba, yatuuzibwa mu butongole era n'olukiiko lwe ne lulayizibwa okutandika okukakkalabya emirimu.










- Ekitabo "Buganda Eggumidde" kiwandiikiddwa Minisitule ya Gavumenti ez'Ebitundu era ne kikubibwa mu kyapa. Ekitabo kino kyogera ku nsengeka y'obukulembeze mu Bwakabaka; Essaza, Eggombolola, Omuluka, Ekyalo/Omutongole mu Buganda wonna.



- Abaganda abawangaalira e South Sudan baakyalako Embuga, bano beegattira mu kibiina kye baatuuma ***"Baganda Nkobazambogo South Sudan"*** era beekolamu amasaza ataano okuli; Kyaddondo, Buddu, Kyaggwe, Mawokota ne Ssese.
- Oweek. Prof. Twaha Kaawaase Kigongo yasisinkana Abaami ba Kabaka mu Ssaza lya Bungereza ne Ireland.






Ensimbi ezisobye mu bukadde 230 ze zikozeseddwa okuzza obuggya ennyumba y'obwa Pookino-Buddukiro ey'essaza Buddu nga zivwa mu Bannabuddu abakungiddwa Pookino ng'omu ku kaweefube w'okunyikiza Federo owebikolwa









## 5.8 Obuwangwa, Enono n'Embiri

a) **Okumaliriza okugaziya n'okuddaabiriza Olubiri lw'e Baamunaanika.** Omulimu guno gutambulidde ddala bulungi era kati ebitundu kumpi 85% biwedde. Okuzimba ekikomera kwatandise era okuzimba omusingi ku kkubo eridda e Mulajje kugenda mu maaso.





**b) Okuzimba Olubiri lw'e Kireka**. Okuzimba kwatandika era kuli ku bitundu 40% mu kiseera kino.




c) **Omulimu gw'okuzzaawo Muzibwazaalampanga mu Masiro e Kasubi**





- Omulimu gw'okuzzaawo Muzibwazaalampanga gugenda mu maaso era tusobodde okuwunda munda, okuteekamu amasannyaleza, okukola seminti wansi, okukola oluggya, okusiba ebyuma bya bbugwe, okusiba emmuli, okuddaabiriza ennyumba Bakumba ne Njagalakasaayi. Omulimu gutuuse ku bitundu 95%.
- Ssaabasajja Kabaka yasiima n'alambula omulimu gw'okuzzaawo amasiro g'e Kasubi okulaba we gutuuse.



- Omubaka wa Switzerland mu Uganda, H.E. Valentin Zellweger yakyalako mu Masiro e Kasubi okulambula emirimu egikolebwayo.



- Amasiro g'e Kasubi gaggyibwa ku lukalala lw'ebifo ebiri mu katyabaga mu lukuŋŋaana lw'ensi yonna olwa UNESCO e Saudi Arabia. Kino kyatukibwako oluvannyuma lw'okutunuulira alipoota eya World Heritage Committee, n'okussa mu nkola ebiteeso ebyakkaanyizibwako mu 2022-2023 ku kuzzaawo Amasiro gano.









d) **Okumaliriza Olusaka lwa Nnamasole e Bbumbu.** Ekikomera kyasibwa ku ttaka lyonna, Gate bbiri zaateekebwako, Ennyumba yateekebwamu enzigi n'amadirisa, Ennyumba yateekebwamu engalama, Ennyumba yakubwa pulasita, Amazzi gaasikibwa okutuuka mu Lusaka era ekifo kyafunirwa amasanyalaze n'amazzi.






e) **Okuddaabiriza Twekobe y'e Mengo**. Twekobe yaddaabirizibwa era bingi ebyakyusibwa ebyali bikaddiye.





f) **Okuwandiisa Abayima mu Bika.** Okwongera okuwagira enteekateeka y'okuwandiisa abayima b'ebika ebyo ebitannaba kumaliriza; Twateekawo akakiiko akalondoola ensonga eno nga kaliko Woofiisi ya Ssaabawolereza, Woofiisi y'Abataka, ne Minisitule y'Obuwangwa. Ebika ebiwandiisizza (15), Ebika ebyatandikako (7), Ebika ebitannatandika (30)








- Mu kkowe eryo okuwagira enteekateeka z'ebika okufuna obutaka, Baminisita, Oweek. Christopher Bwanika (Ssaabawolereza), Oweek. Anthony Wamala (Obuwangwa, Embiri, Amasiro, Obulambuzi n'Ebyokwerinda), Oweek. Noah Kiyimba (Olukiiko, Kabineeti, Abagenyi ne Woofiisi ya Katikkiro), baalambula obutaka bw'ekika ky'Empologoma e Lwadda mu Kyaddondo.

- Ekika ky'Ekkobe. Bazzukulu ba Namwama baasonda ensimbi ez'okuzimba ennyumba y'obutaka "Mukuŋŋaanya"



g) **Ekibiina ky'Olulimi Oluganda.** Ekibiina ky'Olulimi Oluganda kyateekateeka omwoleso gw'amasomero mu Lubiri e Mmengo ne Buddu.









### h) Okuwagira emirimu gya bajjajja Abataka

- ✓ Abataka bawagirwa nga tuvujjirira buli mwezi okuyimirizaawo n'okuddukanya Woofisi y'Abataka
- ✓ Abataka ne ba Katikkiro baabwe baweebwa ensako buli lwe basisinkana mu nkiiko zaabwe.
- ✓ Abataka bonna balina Yinsuwa y'Obulamu ey'Obujjanjabi.
- ✓ Gavumenti ya Kabaka ewagira Bajjajja okusomesa wakiri omwana omu buli mwaka eri Abataka abo abalina okusoomoozebwa ennyo era abatendewaliddwa mu nsonga eno.
- ✓ Tuwagira omusomo gw'obuwangwa n'ennono ogutegekebwa buli mwaka era mu mwaka guno gw'ebyensimbi gwategekebwa nga 27/10/2023 mu Lubiri e Mmengo nga gwetabwamu abantu 1500.
- ✓ Emmotoka y'Abataka ekola emirimu emitongole erabirirwa mu bujjuvu Eggwanika lya Buganda mu nsonga zonna (amafuta, okugiddaabiriza, yinsuwa n'okusasula dereeva)
- ✓ Enteekateeka z'okugulira Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abataka zaawedde era ajja ajja kugifuna mu bbanga ttono okuva leero.
- ✓ Abataka Abakulu ab'Obusolya baateekateeka omusomo ku Nnono, Obuwangwa n'Empisa wansi w'Omulamwa: Obusika mu Buganda musingi gwa Buntubulamu.
- ✓ Minisitule yakola enteekateeka n'erambula Abataka abalwadde okubasaasira n'okubabudaabuda.
- ✓ Ensisinkano za Katikkiro n'Abataka ku mitendera gyonna mu bukulembeze bwabwe zituula mu ngeri enteeketeeke n'etali (formal and informal).






- ✓ Obwakabaka bwawagira enteekateeka y'Abataka okukibisa kalenda eya buli mwaka etundibwa mu Buganda wonna okwongera okuganjawaza ebika byaffe mu bazzukulu.



- ✓ Eggwanika livujjirira buli kika ekyetaba mu mpaka z'omupiira gw'ebika n'akakadde kamu, emijoozi n'emipiira okusoboloa okubawagira n'okulaba nga benyigira mu mpaka zino. Kuno kwe bongereza kaweefube waabwe gwe bakola mu kukunga abazzukulu okuwagira emipiira gino.
- ✓ Gavumenti ya Kabaka ewagira Abataka mu nsonga zonna ez'ebyamateeka naddala mu kaweefube w'okukuuma n'okutaasa ettaka ly'obutaka.
- ✓ Kooti ya Kisekwa erambika bulungi ensonga z'ebika nga bwekiba kisaanidde ng'egoberera emitendera gyonna egyassibwawo. N'omutendera ogw'okujulira ewa Kabaka eri oyo aba tamatidde n'ensala ya Kisekwa weeguli era gussibwamu nnyo ekitiibwa.
- ✓ Pulojekiti z'okukulaakulanya Obutaka. Endokwa eziweredde ddala 3,600 zaakwasibwa Omutaka Walusimbi, Yusuf Kigumba Mbirozankya Makubuya II, omukulu w'akasolya mu kika ekye Ffumbe, ku nnimiro yaabwe e Kyankwanzi mu Ssingo.




**100m**
Obwakabaka bwagula emigabo nga buyita mu BICUL gya bukadde 100,000,000 ng'emu ku ngeri y'okusiga ensimbi.

## 3.9 Okusiga Ensimbi, n'Ebyobusuubuzi

### a) Okusiga ensimbi




- Obwakabaka bwagula emigabo nga buyita mu BICUL gya bukadde 100,000,000 ng'emu ku ngeri y'okusiga ensimbi. Ebibiina by'obwegassi byagula emigabo mu kampuni ya Airtel okuli ekya Buddu CBS Pewosa SACCO gya emigabo gya kawumbi kamu (1bN) ne Kyaddondo Pewosa SACCO gya bukadde kkumi (10m).







- Okwongera okuzimba amayumba mu Mirembe Villas Kigo kubadewo nera Enyimba endala 45 zazimbwa. Obwakabaka bwatandiika okuzimba amayumba gano mu mwaka 2018 era nga amayumba 200 ge gaakazimbibwa; Villas - 65, Bangalow - 45, Apartment - 6 blocks










- Mu mwaka gw'eby'ensimbi oguggwako, twayongera okuzimba amayumba 80 ag'ensimbi ensaamusaamu e Ssentema nga tuli wamu ne banamikago. Amayumba agasoba mu 140 gazimbiddwa era bannannyini go abamu baayingira dda.




- Ssaabasajja Kabaka yatongoza pulojekiti y'okuzimba enyumba ez'ensimbi ensaasaamusamu e Ssentema

## b) Ebyobusuubuzi

**Akatale ku mutimbagano ke bayita Kibatu.com;**

- Enteekateeka y'okussa mu nkola akatale kano akaddukanyizibwa ku mutimbagano ewedde. Mu kiseera kino okuwandiika ba kitunzi kugenda mu maaso. KIBATU App ekoleddwa era n'efulumizibwa ku Google Play Store ne Apple Store. Tumalirizza okwegatta ku mukutu gwa URA, nga kwogasse n'okuyungako abasasuzi n'abasuubuzi.
- Tuteekateeka okugitongoza (Go-Live (Launch) nga 1 Kasambula 2024.









- **ZUULA Tracking and Fleet Management;** Mu kiseera kino entekateeka eno etambulira wansi w'erinnya lya 'ZUULA' Tracking and Fleet Management System. Pulojekiti eno etandise okwettanirwa mu katale era amaanyi gaffe agaliwo kati essira liteekeddwa ku kuyingiza bakasitoma ba Corporate ne SME nga Ntake Bakery; PELUM Uganda; KESHWALA Group; NUDIPU; BrightLife; Inshiya General Trading; MOHANs, CBS Pewosa; Getwell Pharmacy. Tulina bakasitoma abasoba 180.

- **Enterprise SMS;** Mu kiseera kino enteekateeka eno etambulira wansi w'erinnya lya 'K2 SMS'. Enteekateeka eno etandise okwettanirwa mu katale era amaanyi gaffe agaliwo kati essira liteekeddwa ku kuyingiza bakasitoma ba Corporate ne SME nga HOKLAN; Andrew Wormark Ministries; China Skyline; Kamu Kamu SACCO; Devine Financial Services; Bethany Women Hospital; CADS Ventures. Client Base yaffe eri 90 bakasitoma.



## c) Okusiga Ensimbi, n'Ebyobusuubuzi mu by'amawulire

- BBS Terefayina. Emmotoka ekwata n'okulaga amawulire yagulibwa, era ne transimitter ne kamera ebibya byagulibwa olw'okusitula omutindo gw'empeereza ku Terefayina eno.
















- Alipoota ya Ipsos eyafulumizibwa nga 27 April, 2024 yalaga nti BBS Terefayina ye TV ekyasinze okulabibwa mu bintu bya Buganda ne Busoga.
- BBS Terefayina yawangula engule ya KACITA nga Terefayina ekozesa Olulimi oluganda eyasinga mu mwaka 2023 mu Uganda.
- Nga tukolagana ne Ministry ya ICT mu Gavumenti eya wakati Laadiyo ya CBS FM yakkirizibwa okuweebwa "licence" era yamaliriza okugisasulira n'obukwakkulizo obulala bwonna bwawedde. Kati tulindiridde kukwasibwa "licence".



- Alipoota y'ekitongole kya Ipsos ekyanoonyereza ku bibalo mu byempuliziganya eraga nti CBS 88.8 yeesinga okuwulirwa abantu mu Buganda (ebitundu 37.6%) n'eddirirwa CBS 89.2 (ebitundu 22%) ng'omuwendo gw'abawuliriza ku leediyo zombi gulinye bwogeraageranya n'emikutu emirala egigudde obugwi. Alipoota eraga nti 88.8 esinga kuwulirwa bakyala n'abantu abakuze mu myaka ate 89.2 ewulirwa nnyo abaami n'abavubuka. Abalina obubaka obw'okutuusa ku bantu ba Ssaabasajja ab'enjawulo mutegedde we musaanidde okubuyisa okusinziira ku kika ky'abantu be mwagala butuukeko.





- CBS Laadiyo yafuna engule ey'enjawulo okuva KACITA olw'okubeera eddooboozi erisingayo okutambula ensonga z'abasuubuzi.



CBS Laadiyo yagula ebyuma (encoder -Transmitter ne receiver- Decoder) okwongera ku mutindo n'amaanyi g'amayengo okutusobozesa okutuusa amayengo nga tukozesa tekinologiya owa fayiba.

## 3.10 Ebyobulambuzi

i) Ku luguudo Kabakanjagala kati kuliko ebibumbe by'emiziro 40 nga ebika 7 byebitannaba kuteekako.




(ii) Ekaddiyizo ly'ebyafaayo bya Ssekabaka Sir Edward Muteesa II mu ssettendekero wa Makerere lyaggulwawo. Ssaabasajja Kabaka n'Olulyo Olulangira baawaayo ebifaananyi eby'enjawulo ebiraga ebiseera bya Ssekabaka Muteesa II nga akyali muyizi ku ssettendekero ono.






> Ku luguudo Kabakanjagala kati kuliko ebibumbe by'emiziro 40 nga ebika 7 byebitannaba kuteekako

Empaka za Nnalulungi w'Ebyobulambuzi mu Buganda 2024 zaatongozebwa nga zigenda okutambulira ku mulamwa "Tourism and Peace".








*Ttabamiruka w'Abakyala yeetabwamu abakyala abasuuka 1,500 okuva mu bitundu bya Uganda ebye'enjawulo*

## 3.11 Abakyala n'Ekikula ky'Abantu



**a) Ttabamiruka w'Abakyala.** Ttabamiruka w'Abakyala yeetabwamu abakyala abasuuka 1,500 okuva mu bitundu bya Uganda ebye'enjawulo yategekebwa mu Lubiri eMnego.






**b) Ekikula ky'Abantu.** Ekitongole ky'ekikula ky'abantu kyateekateeeka ekyeggulo eky'enjawulo n'ekigendererwa eky'okukuuma obumu.









c) **Okudduukirira abantu abaliko obulemu.** Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi yasiima nadduukirira essomero ly'abamuzibe erya Salaama School for the Deaf n'ebintu ebikozesebwa ng'omu ku kaweefube w'okukwasizaako abayizi mu ssomero lino n'okulaba nga batambuza bulungi obulamu bwabwe. Kabaka obuyambi buno yabuyisa mu kitongole kya Nkuluze era ebintu ebyaweebwayo mwali mu; omuceere, sabbuuni, engano, buto, sukaali n'ebikozesebwa ebirala.

**d) Enteekateeka za CBS PEWOSA ku baana abaliko obulemu.** CBS PEWOSA etembeeta okulabirira n'okusomesa abaana abaliko obulemu abali wakati w'emyaka 6 -8 (Early Childhood Care and Education).

Ebibiina by'amasomero 6 bye bizimbiddwa, 33 bye biddaabiriziddwa mu masomero 13, ne kaabuyonjo 13 zizimbiddwa n'okuwa abayizi ebikozesebwa era abayizi bano basimbye emiti 165 mu masomero ag'enjawulo.





- Braille kit okuva CBS PEWOSA ne Stromme Foundation ng'ekwasibwa abayizi ba St. Theresa Primary School- Mitala Maria.

Okutumbula n'okunyweza ebibiina by'abazadde n'abasomesa mu masomero "School Management committees, Parent and Teachers Associations" nga birina bamemba 110 (abakyala 50 n'abaami 60).

Ebibiina 8 ebiyitibwa "baba clubs" byatondebwawo okutumbula omwana omulenzi okwetabanga mu nteekateeka ez'enjawulo nga birina ba memba 59.








Emisomo 4 giteegekedwa kukutumbula ebyenfuna mu bantu mu bitundu byabwe, abantu 91 be baagyetabamu (abakyala 63 n'abaami 28). 110 (abakyala 50 n'abaami 60) be beetaba mu misomo ku butabanguko mu maka n'engeri ey'okubwewalamu. Emisomo 3 gy'abaliko obulemu gyategekebwa nga gyetabwamu abantu 318 (abakyala 190 n'abaami 120).

### e) Ekisaakaate kya Nnabagereka.

- Okuwagira enteekateeka z'Ekisaakaate kya Nnabagereka okutandikibwa mu masaza. Waliwo empuliziganya n'ekitongole kya Nnabagereka Development Foundation (NDF) ku nteekateeka y'Ekisaakate mu Masaza.





- Ekisaakaate kya Nnabagereka mu Gatonya omwaka 2024; Abaana 422 be beetaba mu Kisaaakaate omwaka guno;







Abalenzi: 117 (emyaka 6 - 9 baali 25, emyaka 10-14 baali 65, emyaka 15 n'okudda waggulu baali 36). Abawala: 305 (emyaka 6 - 9 baali 72, emyaka 10 - 11 baali 48, emyaka 12 -13 baali 65, emyaka 14 -15 baali 65, emyaka 16 n'okudda waggulu baali 55).

- Nyabaghole wa Rwenzururu (mukyala w'Omusinga) Agnes Ithugu Asimawe yakyalirako Abasaakaate.





## 3.12 Abavubuka, Ebyemizannyo n'Ebitone

### a) Ekitongole ky'Abavubuka




- Katikkiro yatongozza ennambika y'Abavubuka ennyonnyola okwolesebwa kw'Obwakabaka eri abavubuka mu myaka 10.




- Minisita w'Abavubuka Emizannyo n'Ebitone, ng'alambula abavubuka abakola emirimu egy'enjawulo mu Busiro okuli abakola engatto, ababazzi ate n'abakola ebizimbisibwa ebyakazibwako erya "Kajjansi".



- Omutendera ogwokubiri mu kutendeka abavubuka mu masaza okufuna obukugu mu nkozesa ya tekinologiya gwakolebwa.







- Ebyoto byategekebwa okwetoolola Amasaza ga Buganda gonna esiira lyatekebwa ku obulamu bwa Kabaka Mutebi II okuva mu buto bwe, okutuuka kati ku myaka 69; ekyoto ekikulu ekyakulembera mu ebijaguzo by'Amazaalibwa ga Kabaka kyali ku Buganda Royal Institute e Kakeeka









## 3.13 Ekitongole ky'Ebyemizannyo



### a) Empaka z'Ebika

- Abantu abaalaba empaka zakamalirizo beyongerako okuva ku 4000 mu 2022 okutuuka ku 6000 mu 2023.
- Abazanyi abeetaba mu mupiira ogw'ebigere bali 1100.
- Abazanyi abeetaba mu kubaka 405.








- Empaka z'Ebika by'Abaganda zaggulwawo ku kisaawe kya Muteesa II Memorial stadium e Wankulukuku, bazzukulu ba Gunju ab'Obutiko bawangula bazzukulu ba Gabunga ab'e Mmamba goolo 3 ku 2.







- Ennyonyi Nnyange yasitukira mu Ngabo y'ebika by'Abaganda ey'okubaka omwaka 2024 yabakuba e Mmamba Namakaka obugoba 21 ku 18.

  Minisitule y'Abavubuka, Emizaanyo n'Ebitone nga ekolagana ne Woofisi y'Abataka yate ekateeka ekyeggulo ky'Ebika nga ekikujuko ekyokujaguza emyaka 50 ez'empaka z'ebika.

- Ngabi Nsamba yawangula Engabo mu mpaka z'Omupiira gw'Ebika 2024.

  Ngabi e Nsamba yakuba Empindi goolo 1:0 Empaka zino zeetabwamu ebika 39, abazanyi 1,344, n' emipiira 81 gye gyazanyimbwa.









## b) Empaka z'Omupiira gw'Eggombolola mu Buganda

- Empaka z'Omupiira gw'Eggombolola g'omu Buganda zaggulwawo mu butongole nga zakwetabwamu e Ggombolola zonna 175 ezikola amasaza ga Buganda e 18.





- Abazanyi 2,290 be beetaba mu mpaka zino; 1,728 bazzukulu ba Nambi nga bava mu bika 44 (165 beddira mamba).






## c) Empaka z'Amasomero mu Buganda

- Amasomero 51 ge geetaba mu mizaanyo gino, (Amasomero ga primary gaali 6, aga secondary 45. Ttiimu 84 ze zeetaba mu mizanyo gino gyonna awamu 5.








- Ku mutendera ogwa Secondary abayizi bali 1,530 (Abalenzi - 1,063, abawala - 467) 565 bazukkulu Nambi nga bava mu bika 37.





- Ku mutendera ogwa Primary abayizi bali bonna awamu abalenzi baali 82; 40 bazzukulu ba Nambi nga abava mu bika 15, 42 bava mu bitundu ebirala. Uganda Matyrs High School Lubaga yawangula ekikopo ky'omupiira gw'abalenzi ate Buddo Secondary School n'ewangula ekikopo ky'okubaka.

### d) Empaka z'Amaato 2024






Empaka z'Amaato 2024 zaatongozebwa ku Nnyanja ya Kabaka mu Ndeeba Omuzannyo gw'ámaato gwa kuyindira ku myalo 3, zaatandika nga 30/03/2024 e Bunjako mu ssaza Mawokota, zaaliyo e Nakiwogo nga 1/06/2024 ez'akamalirizo zijja kubeera e Kaazi ku mwalo nga 24/08/2024.



e) **Empaka z'Amasaza**

- Empaka z'Amasaza ez'omwaka guno 2024 zaatongozeddwa











- Essaza Bulemeezi be bannantameggwa b'empaka z'Amasaza omwaka 2023 era Nnaalinnya Lubuga Agnes Nabaloga ye abakwasa ekikopo wamu n'obukadde 12.







Essaza Mawokota lyakuba Buddu goolo 3-0 ne likwata ekifo eky'okusatu.







- Abantu abasukka mu 326,250 baawagira omupiira era bafuna obubaka kukulwanyisa mukenenya okuyitamu mulamwa 2023 ***"Abasajja tubeere basaale mu kulwanyisa mukenenya tutaase omwana ow'obuwala."***
- Abazanyi bano wammanga okuva mu Masaza bakoze kinene okusobozesa Uganda okuwangula Uganda Champion wa CECAFA U18 (2023) oluvanyuma lw'okuwangula Kenya mu mpaka ez'akamalirizo.







***1. Katongole Frank, Butambala***
***2. Kisolo John Innocent, Mawokota***
***3. Batiibwe Charles Okello, Bulemezi***
***4. Sekajugo Elvis, Ssingo***
***5. Kisiriko Dennis, Buddu***
***6. Kaye Ronald, Buweekula***
***7. Abalirya Peter, Mawokota***
***8. Mayanja Abubakar, Mawokota***
***9. Kyeyune Abasi, Gomba***
***10. Batiibwe Charles Okello, Ssingo***

- Abaagusambako abeegatiira mu kibiina kya "Former Footballers Initiative" nga bakulembeddwa Eng. Isaac Ngobya bakiika Embuga n'oluwalo. Tubenyumirizaamu nnyo kubanga kyakulabirako kirungi eri bannabitone.







e) **Empaka z'eggaali ez'Amasaza mu Buganda**

Abavuzi b'obugali 90 be beetaba mu mpaka zino (Abaami 77 n'abakyala 13).










## f) Emizannyo gy'Ebitongole by'Obwakabaka

Abaweereza mu 'ebitongole by'Obwakabaka bavuganya mu mizannyo egy'ebitongole omwali; okubaka, okusika omuguwa, okusamba omupiira, volleyball, okudduka, n'emirala.












# 4.0

# Ebyensimbi mu Bwakabaka Omwaka 2023/2024

Omweso wansi gulaga Ennyingiza n'Ensaasaanya nga bwesubirwa okuba mu mwaka 2023/2024.

## 4.1 Ennyingiza 2023/2024;

- Ennyigiza y'Obwakabaka yeeyongedde obutundutundu 0.7% okusukka mu mbalirira y'ennyingiza 2022/2023. Kino kyatukkiddwako olw'Obusuulu, Envujjo ne Kanzu ku ttaka, Ebyenjigiriza, Gavumenti eya wakati okusasula ku nsimbi ezigibangibwa, bannamikago n'abanywanyi abawagidde ennyo enteekateeka n'emirimu gy'Obwakabaka, eby'obulimi mu kitongole kya BUCADEF n'obusuubuzi bw'emmwanyi mu Kampuni ya Mwanyi Terimba Ltd ate n'ebibiina by'Obwegassi byatambudde bulungi ddala.

| EMBALIRIRA Y'OBWAKABAKA 2023/2024 | | | |
|---|---|---|---|
| **Vote** | **Amakubo agavaamu ensimbi** | **Ezaabalirirwa** | **Ezaafunibwa** |
| **10100** | Envujjo, Busuulu ne Kanzu ku Ttaka | 33,900,000,000 | 35,800,000,000 |
| **10200** | Ensimbi ezibanjibwa okuva mu Gavumenti eya wakati | 10,000,000,000 | 13,800,000,000 |
| **10300** | Ebisale okuva mu bayizi | 18,970,522,002 | 19,097,913,213 |
| **10350** | Sikaala z'Obwakabaka | 593,871,526 | 980,228,451 |
| **10400** | Obusuulu okuva mu bizimbe | 3,690,348,950 | 2,267,602,193 |
| **10500** | Ekimu ku kikumi okuva mu bawereeza | 164,769,279 | 101,646,068 |
| **10600** | Bannamikago | 57,949,924,000 | 55,155,142,120 |
| **10650** | Abanywanyi | 6,828,286,000 | 5,016,715,300 |
| **10700** | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Okwewummuzaamu | 1,313,300,000 | 1,575,368,500 |
| **10800** | (MBL) Satifikeeti, ebbaluwa, Oluwalo n'Ebyetunzi bw'Obwakabaka | 6,138,282,551 | 6,419,277,575 |
| **10930** | Weerinde Insurance Services Limited | 502,905,388 | 86,402,475 |

| EMBALIRIRA Y'OBWAKABAKA 2023/2024 | | | |
|---|---|---|---|
| **Vote** | **Amakubo agavaamu ensimbi** | **Ezaabalirirwa** | **Ezaafunibwa** |
| **10960** | Mwanyi Terimba Limited | 1,000,000,000 | 5,174,331,300 |
| **11000** | Abawagizi ba Buganda abali ebweru wa Uganda | 215,000,000 | 216,693,200 |
| **11100** | Eby'empuliziganya n'Amawulire | 16,789,956,658 | 14,942,179,613 |
| **11200** | Eby'obulambuzi mu Buganda | 2,465,518,139 | 447,755,514 |
| **11400** | Ebibiina by'Obwegassi (Cooperatives) | 35,200,320,169 | 41,291,762,097 |
| **11500** | Ensimbi ezinakunganyizibwa mu Masaza | 5,088,880,819 | 5,098,598,886 |
| **11600** | Ensimbi Eggwanika lye zibanja. | 363,048,625 | 229,166,057 |
| **11700** | Buganda Kingdom Education Institution's Development Fund | 183,455,000 | 157,900,000 |
| **11800** | Buganda Cultural & Heritage Support Fund | 687,600,000 | 466,807,200 |
| **11900** | Ensimbi ezikunganyizibwa okuva mu butale bwa Kabaka | 200,000,000 | 185,000,000 |
| **11950** | Ensimbi okuva mu Buganda Royal Law Chambers | 350,000,000 | 685,000,000 |
| **11955** | Ekibiina kya Balungamywa be Mikolo mu Bwakabaka | 100,000,000 | 24,000,000 |
| **11958** | Nkuluze Holdings Limited | 6,495,783,100 | 1,557,075,700 |
| **11970** | Ensimbi ezisubilwa mu kibiina ky'olulimi oluganda | 218,850,044 | 93,860,000 |
| | **Omugatte ogw'ennyingiza ogwawamu** | **209,410,622,250** | **210,870,425,462** |

4.2 **2023/2024; Ensaasaanya y'omwaka 2023/2024**

- Ensasaanya nayo yeyongera nnaddala ku mirimu gy'okugaggawaza n'okusitula ebyenfuna by'Abantu ba Buganda (Obulimi, Obwegassi , n'Obusuubuzi, Emirimu gya Nkuluze egyenkiizo wamu ne Mbiri, eby'okulabirira ettaka, kuteekateeka, okuzimba n'okugaziya Embiri,

| **Ensaasaanya ( Enkozesa)** | | **2023/2024** | |
|---|---|---|---|
| **No.** | **Ekisaasaanyizibwako** | **Ezaabalirirwa** | **Ezaakozesebwa** |
| **20100** | Okuddukanya emirimu mu Nkuluze | 17,195,783,100 | 17,095,783,100 |
| **20200** | Okulabirira Woofiisi ya Ssaabasaajja Kabaka | 636,854,380 | 598,354,380 |
| **20300** | Eby'okulabirira ettaka ( Buganda Land Board ) | 10,000,000,000 | 11,500,000,000 |
| **20400** | Okuteekateka, Okuzimba n'Okugaziya Embiri | 5,050,000,000 | 9,813,920,986 |
| **20500** | Okumaliriza Amasiro g'e Kasubi | 2,000,000,000 | 852,036,309 |
| **20600** | Okuddaabiriza Twekobe n'Okulabirira Olubiri lw'e Mengo | 664,200,000 | 494,940,000 |

| Ensaasaanya ( Enkozesa) | | 2023/2024 | |
|---|---|---|---|
| **No.** | **Ekisaasaanyizibwako** | **Ezaabalirirwa** | **Ezaakozesebwa** |
| **20700** | Okuddaabiriza Butikkiro Phase 11 | 300,000,000 | 23,500,000 |
| **20800** | Okuddaabiriza n'okuddukanya ebizimbe | 3,402,948,099 | 1,269,413,826 |
| **20900** | Okwekulaakulanya n'okusiga ensimbi | 60,834,176,381 | 55,608,742,120 |
| **21000** | Ensaasanya ku Satifiiketi, Baluwa , Luwalo lwo n'ekyonywa kya Ngule | 800,000,000 | 750,000,000 |
| **21030** | Okuyimirizaawo emirimu gya Weerinde Insuerance services | 425,083,265 | 510,099,918 |
| **21060** | Okuyimirizaawo emirimu gya Mwanyi Terimba Ltd | 980,000,000 | 5,174,331,300 |
| **21070** | Okuyimirizaawo emirimu gya Nkuluze Holdings Limited | - | 1,557,075,700 |
| **21100** | Okutumbula Ebyenjigiriza mu Buganda | 20,027,190,908 | 19,574,277,768 |
| **21200** | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Ebitone | 2,351,038,000 | 2,526,179,630 |
| **21300** | Obulimi, Obwegassi, Obusuubuzi n'Obuvubi | 36,565,321,825 | 43,511,576,405 |
| **21400** | Gavumenti ez'Ebitundu | 6,239,565,619 | 5,855,041,386 |
| **21450** | Ensonga za Buganda ebweru wa Buganda ne Uganda | 38,900,000 | 100,940,000 |
| **21500** | Okuteekateeka eby'okusigamu ensimbi | 1,029,300,000 | 1,017,820,000 |
| **21600** | Okutumbula Eby'obulamu | 7,430,000,000 | 4,081,973,964 |
| **21700** | Eby'Ettaka, n'Ebizimbe | 265,000,000 | 105,254,000 |
| **21730** | Emirimu gya Bulungibwansi n'Obutonde Bwensi | 871,630,993 | 659,423,000 |
| **21800** | Okuluŋŋamya obukulembeze mu Bika | 453,596,000 | 453,596,000 |
| **21900** | Eby'obuwangwa n'e Nnono, n'Ebyokwerinda | 1,882,266,000 | 1,484,555,079 |
| **21950** | Ekitongole ky'okunoonyereza mu Bwakabaka. | 167,000,000 | 117,900,000 |
| **22000** | Eby'obulambuzi | 2,133,350,821 | 594,508,897 |
| **22100** | Emikolo gy'Obwakabaka , ne nsanga za Pulotoko | 751,420,000 | 868,921,376 |
| **22140** | Amawulire, Okukunga n'Obwogozi bw'Obwakabaka | 162,330,000 | 120,230,000 |
| **22200** | Ebikozesebwa eby'ensibo | 685,800,000 | 233,620,000 |
| **22300** | Okuwagira emirimu mu woofiisi ya Nnaabagereka | 55,090,000 | 49,890,000 |
| **22400** | Okusasula Amabanja | 2,262,746,933 | 1,206,417,303 |
| **22500** | Ekikula ky'abantu | 275,600,000 | 225,890,200 |
| **22600** | Ensaasanya ku by'empulizigannya | 14,252,678,307 | 13,650,249,431 |
| **22800** | Olukiiko lwa Buganda Olukulu | 566,000,000 | 242,670,000 |

| Ensaasaanya ( Enkozesa) | | 2023/2024 | |
|---|---|---|---|
| **No.** | **Ekisaasaanyizibwako** | **Ezaabalirirwa** | **Ezaakozesebwa** |
| **22900** | **Abaweereza wamu n'okuddukanya emirimu** | | |
| **22905** | Abaweereza | 5,085,124,891 | 5,145,124,891 |
| **22915** | Abakugu abenjawulo | 42,900,000 | 18,200,000 |
| **22920** | Okuddaabiriza Bulange n'ebikozesebwa mu makakkalabizo | 135,000,000 | 190,000,000 |
| **22925** | Okulabirira ebidduka | 640,000,000 | 665,850,000 |
| **22930** | Ebikwata ku baweereza | 378,945,900 | 308,295,900 |
| **22935** | Entambula munda ne wabweru w'Eggwanga | 320,000,000 | 330,000,000 |
| **22940** | Ebikozesebwa mu Makakkalabizo | 352,319,775 | 307,993,000 |
| **22945** | Ebirabo n'obuyambi obuweebwa | 75,000,000 | 125,000,000 |
| **22950** | Emisoso gya bbanka | 35,000,000 | 35,000,001 |
| **23100** | Okuddukanya Woofiisi ya Bannamateeka (Law Chambers) | 621,000,000 | 870,700,000 |
| **23200** | Okukola ku Nsonga za Buganda ez'Enkizo | 295,000,000 | 210,000,000 |
| **23300** | Tekinologiya n'Obuyiiya ( ICT & INNOVATION) | 398,500,000 | 198,805,000 |
| | | | |
| | **Omugatte ogw'Ensaasanya ogw'awamu** | **209,133,661,197** | **210,334,100,869** |
| | **Enfiisi / Ezikyetagisa** | **276,961,053** | **536,324,593** |




# 5.0 Embalirira y'Obwakabaka 2024/2025

## 5.1 Engeraageranya y'Ebyenfuna Omwaka gw'Ebyensimbi 2024/2025

### 5.1.1 Ebyenfuna ku Mutendera ogw'Ensi yonna 2024/2025




Enkulaakulana y'ebyenfuna mu nsi yonna esuubirwa okweyongera, okuva ku bitundu 3.1% omwaka guno okutuuka ku bitundu 3.2% mu 2025. Kino kivudde ku nkulaakulana ey'ekigero mu byenfuna mu Amerika n'amawanga amanene agawerako agakyakula.

Waliwo obwerende mu byenfuna obuyinza okuva ku bbeeyi y'amafuta mu nsi yonna okulinnya, singa obukuubagano mu Middle East ne Russia bweyongera.







## 5.1.2 Enteebereza y'Ebyenfuna bya Uganda 2024/2025

Mu mwaka gw'ebyensimbi 2023/24, enkulaakulana y'ebyenfuna esuubirwa okulinnya ebitundu 6.0% nga kino kiwagirwa emirimu gy'obuweereza, amakolero n'ebyobulimi ebisuubirwa okukkakkanya embeera y'okunaabuuka kw'ensimbi. Enteekateeka ya Gavumenti eya "PDM" (Parish Development Model esuubirwa okuvaamu ebibala mu kulinyisa emiganyulo egiva mu bulimi n'amakolero ageekuusa ku bulimi winga eneeba ekwatiddwa bulungi. Emirimu gy'ekitongole ky'amafuta ne ggaasi wamu n'okukula mu by'obusuubuzi mu kitundu nabyo bijja kwongera okusitula ebyenfuna by'eggwanga.

We tunaatuukira mu makkati g'omwaka, enkulaakulana y'ebyenfuna esuubirwa okutuuka ku kigero kya 7%, ng'esimbye ku nkulaakulana esuubirwa mu bulimi n'ebiva mu makolero agabyesigamako. Gavumenti etaddewo enteekateeka okuwagira embeera eno ng'eyita mu nteekateeka nnyingi, gamba ng'okulondoola n'okukakasa omutindo gw'ebyeyambisibw amu by'obulimi, okunyweza enkola ey'okuweera abalimi amagezi mu bifo gye bakolera (extension services), okuganjawaza n'okunyikiza enkola z'okufukirira, n'okusiga ensimbi mu bifo by'amakolero n'obusuubuzi ebitalize.

Okututumuka kw'emirimu gya ba neekolera gyange bwe kunaawagirwa kaweefube wa gavumenti okutereeza n'okukulaakunya n'okusiga ensimbi mu byetaago bya bannayuganda ebiwanirira eby'obusuubuzi n'obusizi bwensimbi ng'enguudo, amazzi n'amasanyalaze wamu n'emirimu egy'okugaziya mu makolero g'amafuta ne ggaasi, byolekedde okwongera okusitula n'okukulaakulanya ebyenfuna by'eggwanga.



**14.755 Tn**

***Ku nteekateeka z'emirimu gy'ebyenkulaakulana, gavumenti ya Uganda ezigerekedde Shs14.755 Trillion.***

Mu mwaka gw'ebyensimbi 2023/24 ne 2024/25 okunaabuuka kw'ensimbi ya Uganda kusuubirwa okutambulira wakati wa 3.4% ne 3.9% era tetusuubira nsimbi ya Uganda kunaabuuka okusukka 5% eruubirirwa.

Mu kitundu ky'amawanga agali mu mukago mu bukiika ddyo bwa Africa (EAC), ng'ogyeko South Sudan etasoomozeddwa kunaabuuka kwa nsimbi y'eggwanga n'akatono, Ensimbi ya Uganda y'esinze obutanaabuuka ng'etambulidde ku bitundu 2.6 ng'eddirira Tanzania ku 3.2, Kenya ku 6.8%, Rwanda ku 12.9%, Burundi ku 26.47%(October), DRC ku 19.1%.

Embalirira y'eggwanga ey'omwaka gw'ebyensimbi 2024/2025 erinnye n'etuuka ku likodi ya Shs.72.130 trillion, nga kino kisingira wala Shs.52.736 trillion ezaabalirirwa mu mwaka gw'ebyensimbi oguwedde. Okulinnya kw'embalirira kuno kusuubirwamu emikisa mingi mu mirimu egyenjawulo, n'ekigendererwa eky'okuganyula Bannayuganda abagwa mu biti ebyenjawulo.

Mu mwaka gw'ebyensimbi omuggya 2024/25, ensengeka y'embalirira egabanyizza obuwumbi Shs13.686 ku nsaasaanya ya gavumenti eya wakati ku mirimu egy'olutentezi, obuwumbi Shs.4.678 eri gavumenti z'ebitundu, amalwaliro 17 ku mutendera gwa "regional referral hospitals" gaagerekeddwa obuwumbi Shs290.789 ezinaasaasaanyizibwa ku byetaago eby'olutentezi.

Emirimu gy'abakungu mu gavumenti ya Uganda ebweru wa Uganda gyagerekeddwa Shs263.336 billion, nga za kusaasaanyizibwa ku byetaago ebya buli lunaku okuli emisaala, ensako, entambula, n'ebintu ebirala Kino kitutuusa ku nsaasaanya esuubirwa ku bikozesebwa mu mirimu gya buli lunaku ya Shs18.735 trillion mu mwaka gw'ebyensimbi omuggya.

Ku nteekateeka z'emirimu gy'ebyenkulaakulana, gavumenti ya Uganda ezigerekedde Shs14.755 Trillion. Amalwaliro ku mutendera gwa "Referral hospitals" gaweereddwa Shs.6.703 billion, emirimu gy'ebweru w'eggwanga Shs.63.389 billion, ne gavumenti z'ebitundu Shs.786.204 billion, ne kituwa omuwendo gwa Shs15.585 trillion ez'emisaala, ensako n'emirimu emirala ezigattibwa ku z'enkulaakulana olwo awamu ne tufuna Shs.34.320 trillion.

Okulinnya kw'embalirira ya Uganda kumpi okwa Shs14 trillion kuleeseewo enkyukakyuka ey'omuzinzi mu mitemwa egigerekeddwa ku mirimu gy'eggwanga egigwa mu biti n'ebitongole ebyenjawulo nga bwe biragiddwa wammanga:

- **Okukulaakulanya Abantu: Obuwumbi 9.964 (26.3%)**
- **Enfuga n'ebyokwerinda 9.138 trillion (24.2%)**
- **Eby'entambula 5.194 trillion (13.7%)**
- **Kampuni n'Ebitongole by aba neekolera gyange: 2.075 trillion (5.5%)**
- **Okussa mu nkola enteekateeka y'enkulaakulana 2.342 trillion (6.2%)**
- **Enkulaakulana mu by'amasannyalaze: 1.053 trillion (2.8%)**
- **Okukulaakulanya amakolero ageekuusa ku by'obulimi: 1.672 trillion (4.4%)**
- **Ebyamateeka: 978.6 billion (2.6%)**
- **Okukulaakulanya ebyobulambuzi: 404.9 billion (1.1%)**

**Ekyebuuzibwa kiri nti**, gavumenti eteeseteese etya okuyimirizaawo embalirira eno okugisobozesa okutuusa obuweereza ku bannanyuganda? Ensimbi ezikungaanyizibwa mund amu ggwanga zisuubirwa okuvaamu Shs.32.38 trillion. Olukiiko lw'eggwanga olukulu lwayisizza emisolo emipya egigenda okulinyisa ebbeeyi y'amafuta, amazzi g'okunywa agatundibwa wamu n'ebizimbisibwa byeyongera.

Gavumenti era esuubira okufuna obuvujjirirwa kw'embalirira kwa Shs1.393 trillion nga ziva mu kwewola n'obudduukirize eri eggwanga okuva mu mawanga amalala. Waliwo n'enteekateeka ey'okwewola ensimbi eziwera Shs.8.967 trillion okuva bitongole ebigaba ensimbi wamu ne mu makubo amalala.

Ku nsimbi eziragiddwa waggulu, Shs.19.800 trillion ze ziteekeddwawo okusasula amabanja g'omunda mu ggwanga, ate Shs.9.583 trillion zigende ku mirimu gy'enkulaakulana mu y'eggwanga.



**8.967 Tn**

***Waliwo n'enteekateeka ey'okwewola ensimbi eziwera Shs.8.967 trillion okuva bitongole ebigaba ensimbi wamu ne mu makubo amalala.***

### 5.1.3 Ebyenfuna mu Bwakabaka Omwaka gw'Ebyensimbi 2024/2025








Ssebo Sipiika, wansi w'obukulembeze bwa Ssaabasajja Kabaka, Obwakabaka buvvuunuse ebisoomooze bingi. Gavumenti ya Ssaabasajja essira yalissa ku kugaziya emikisa gy'abantu ba Ssaabasajja egy'okwekulaakulanya nga tussaawo pulogulaamu ezirimu pulojekiti eziwerako n'ekigendererwa eky'okisitula embeera z'abantu ba Kabaka mu byenfuna n'enkulaakulana.

Omulimu ogukoleddwa okutuusa kati era gwe tukyagenda mu maaso n'okukola, gutufunidde obwesige n'okutugaziyiriza emikwano n'abantu ssekinnoomu, ebitongole eby'obwannanyini n'enya gavumenti - okuva mu bantu ba Buganda mu Uganda n'ebweru wa Buganda ne Uganda. Amaanyi ge tufunye n'obuwagizi tugenda kwongera okubizimbirako okwongera okubaako bye tukola eby'omuzinzi ng'Obwakabaka.

## 5.2 Omulamwa gw'Embalirira y'Obwakabaka 2024/2025: *"Ensi Eyeegombebwa: Olutindo lw'Ebikolwa Ebinazza Buganda ku Ntikko."*




Oweekitiibwa Sipiika, nzikiriza nyanjulire Obuganda omulamwa gw'embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2024/2025, ogugamba nti:

***"Ensi Eyeegombebwa: Olutindo lw'Ebikolwa Ebinazza Buganda ku Ntikko."***

Omulamwa guno gulaga obumalirivu bwe tulina ng'Obwakabaka okussa ensimbi, amaanyi n'amagezi gaffe gonna mu kusoosowaza n'okukola enteekateeka z'emirimu eginaaganyula abantu ba Ssaabasajja mu kaweefube w'okuzza Buganda ku Ntikko.

Ssebo Sipiika, ndi musanyufu nnyo olwaleero okutegeeza Obuganda nti Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka erina obuwanguzi bwetuuseeko mu kaweefube w'okuzza Buganda ku Ntikko.

Omulamwa guno gwoleka obweyamo n'obumalirivu bw'obukulembeze mu Bwakabaka obutakoma ku kuddingana ngombo ya kuzza Buganda ku Ntikko wabula n'okugituukiriza nga tukola n'okussa mu nkola enteekateeka ezinaafuula Buganda ensi eyeegombebwa.

### Okuzimba obusobozi bw'abantu okwekulaakulanya:

Mu kaweefube w'okuzza Buganda ku Ntikko, Buganda esoosowaza okuzimba obusobozi bwa buli muntu, amaka, ekyalo n'ebitundu ebirala byonna okwenyigira mu nteekateeka z'okukola emirimu gy'okwekulaakulanya n'okugaggawala. Tuteereddewo abantu omwagaanya mwe balabira emikisa egibeetoolodde gye basobola okweyambisa okuzimba obusobozi bwabwe mu by'enkulaakulana. Tuzimbye n'okussa essira ku nteekateeka z'ebyenjigiriza, ebyobulamu, bulungibwansi, eddembe mu maka n'ebirala ng'ezimu ku ngeri gye tuwagiramu abantu ba Ssaabasajja okubasobozesa okwenyigira mwebyo ebyongera ettoffaali ku nkulaakulana ya Buganda ne Uganda okutwalira awamu.

### Okukuuma Obutonde bwaffe:

Okukuuma obuwangwa n'ennono ebya Buganda nsonga yak u mwanjo nnyo mu buli nteekateeka ekolebwa mu Bwakabaka. Kino kye kitufuula kye tuli ng'Abaganda era kwe tusinziira okuzimba Buganda ey'enkya gye twegomba. Okukuuma obutonde bwensi n'okukuuma eby'obuwangwa n'ennono byombi bitambulira wamu. Tuli bamalirivu ng'Obwakabaka okutwala mu maaso kaweefube yenna ow'okukuuma n'okutaasa obuwangwa n'ennono nga tuyita mu nteekateeka z'okukuuma obutonde bwensi.

## 5.3 Ennyingiza y'Obwakabaka n'enteekateeka z'Okugigaziya

Ndi musanyufu okutegeeza Abeekitiibwa abakiise mu Lukiiko luno nti ennyingiza y'Obwakabaka ebadde yeeyongera buli mwaka okumala emyaka etaano egiyise! Embeera y'ebyenfuna mu ggwanga ensangi zino etwetaagisa okuba abayiiya era abatetenkanya ennyo okusobola okukuumira ebyenfuna by'Obwakabaka waggulu.

Tusuubira okuyingiza **Ugx.257,434,276,947 mu Bwakabaka**, mu mwaka gw'ebyensimbi 2024/25. Kino kiraga enyongereza ya **Ugx. 46,563,851,485 million** nga bye bitundu 22% ebyeyongedde ku nyingiza eyabalirira ey'omwaka gw'ebyensimbi 2023/2024. Ennyingiza eno okusinga esuubirwa okuva mu bintu bino bitaano bye tuteekateeka okuwagira n'okussaako essira mu mbalirira ya 2024/2025;

### (i) Ebyobulambuzi

Amasiro g'e Kasubi gasuubirwa okumalirizibwa mu kitundu ekisooka eky'embalirira era gaggulwewo mu butongole. Enkola ey'okugalabirira ey'omutindo eteereddwawo era tugasuubira okuvaamu ensimbi ez'omuzinzi. Ebifo ebirala eby'obulambuzi ebyekuusa ku buwangwa n'ennono mu Buganda bitereezeddwa era bijja kuwagira enyingiza eno.

### (ii) Emirimu egikolebwa mu Masaza

Mu mbalirira eno tuteekateeka okuwagira buli Ssaza okuteekawo amakubo agayingiza ensimbi okuva mu ssaza mwenyini n'okussa mu nkola enteekateeka z'Obwakabaka zonna mu buli ssaza. Kino kijja kuwagirwa enteekateeka ey'awamu ey'empuliziganya ey'omuyungirano mu bya bizinensi n'emirimu ku buli ssaza (Kingdom Information and Business Centre).

### (iii) Emikago

Okunyweza emikago gy'enkulaakulana n'egy'ebyobusuubuzi gye tulina ate n'okutondawo emiggya kijja kwongera okuwagira ebyenfuna mu Bwakabaka.



***Okuzza obuggya Kabaka Education Fund n'okwongera ku mutemwa oguva mu matendekero naddala ku misoso egisasulirwa ng'oggyeko ebisale by'essomero nabyo bijja kwongera ku nyingiza.***

**(iv) Ebyenjigiriza**

Okuzza obuggya Kabaka Education Fund n'okwongera ku mutemwa oguva mu matendekero naddala ku misoso egisasulirwa ng'oggyeko ebisale by'essomero nabyo bijja kwongera ku nyingiza.

**(v) Okukendeeza ebitundu 25% ku nsaasaanya ku mirimu ne bannamikago.**

Obwakabaka bukola emirimu mingi ne bannamikago naye tugenda kussaawo enteekateeka ekendeeza ensimbi ezisaasaanyizibwa ku bintu ebirala ebyekuusa ku pulojekiti eba essibwa mu nkola. Kino kijja kutuyamba okukwongeza enyingiza eyawamu nga tukendeezezza ensaasaanya.

Ebiragiddwa waggulu n'enteekateeka endala eziwerako zigenda kussibwamu amaanyi okulaba ng'enyingiza mu Bwakabaka tekosebwa nnyo.




UNAIDS

## 5.4 Ebisoosowaziddwa mu Nsaasaanya y'Obwakabaka 2024/2025

Ssebo Sipiika, nkusaba onzikirize mu kiseera kino ate obuufu mbwolekeze emirimu emikulu mu Bwakabaka egigenda okussibwako essira mu mbalirira ya 2024/2025.

### 5.4.1 Ebyobulamu ne Bulungibwansi. Bino bye tugenda okusinga okussaako essira.

i. **Okutwala mu maaso kaweefube w'okulwanyisa mukenenya.** Tujja kusigala nga tukolagana ne bannamikago nga UNAIDS, UAC, n'abalala. Tulina enteekateeka ey'omuggundo okukubiriza abantu okukozesa obupiira n'okumira eddagala naddala mu disitulikiti eziri mu katyabaga nga Masaka, Kyotera ne Kalangala. Tujja kukubisa n'okugaba obubaka ku bulwadde bwa mukenenya, okukunga n'okukubiriza abantu okwekebeza, okukubiriza abazadde okukuuma abaana ab'obuwala n'ab'obulenzi n'okubabuulirira kyenkanyi ku bulwadde bwa mukenenya nga tukolagana ne bannamikago nga UNAIDS, UAC, n'abalala. Tuteeseteese okugenda masomero wakiri 100 okusomesa abaana ku bulwadde bwa mukenenya. Enteekateeka z'okulwanyisa mukenenya tujja kuziyingiza mu buli mulimu ogukolebwa mu Bwakabaka okusobola okunyikira obulungi.








ii. **Amalwaliro g'Obwakabaka 6**

Okuteeka ebikozesebwa mu bifo 6 eby'obujjanjabi eby'Obwakabaka e Busimbi – Singo, Mukungwe-Buddu, Nyenga-Kyaggwe, Nsangi-Busiro, Kalasa - Bulemeezi ne Bukalango-Kyadondo olw'okutuusa obujjanjabi obusoboka nga bwa mutindo ku bantu ba Ssaabasajja Kabaka mu bitundu byabwe gye bawangaalira.

iii. **Ensiisira z'Ebyobulamu**

Okutegeka ensiisira z'ebyobulamu mu Buganda n'okuwagira enteekateeka z'okutuusa obujjanjabi ku bantu nga tweyambisa Eddwaliro ly'Obwakabaka eritambuzibwa.

iv. **Kaweefube w'Okukungaanya Omusaayi.**

Okuwagira enteekateeka za Minisitule y'Enkulaakulana y'Abantu mu Bwakabaka ng'eri wamu ne Kabaka Foundation mu kaweefube w'okukungaanya omusaayi olw'okutaasa obulamu bw'abantu.

v. **Okubunyisa Amazzi Amayonjo.**

Okusima n'okuddabiriza enzizi wakiri 35 nga tukolagana ne Banamukago aba Wells of Life.




vi. **Bulungibwansi.**

Okutumbula n'okunyikiza enteekateeka za Bulungibwansi ku mutendera gw'amaka mu Buganda wonna.

vii. **Munnomukabi Yinsuwa y'Ebyobulamu.**

Okwongera ku muwendo gw'abantu abettanira Yinsuwa ya Tubeerebalamu eya Munnomukabi wakiri okutuuka ku muwendo gwa bantu 1,000.

viii. **Okutendeka abasawo abazaalisa 6.**

Okutwala mu maaso enteekateeka z'okuwagira okutendeka abazaalisa abatakka wansi wa 6 mu ssomero lya Mengo School of Nursing and Midwifery okusobola okuwagira amalwaliro g'Obwakabaka 6.

ix. Ebyobujjanjabi mu Ssaza ly'e Ssese. Okugulira essaza ly'e Ssese eddwaaliro ly'oku nnyanja eritambuzibwa.

Enteekateeka endala nyingi ze tukyalina okussaako omulaka eziwagira kaweefube gw etuliko ow'okusitula embeera z'abantu mu byobulamu n'enkulaakulana.

## 5.4.2 Okukendeeza ku muwendo gw'abantu mu Buganda abaavu lunkupe.

Okuyaayaana kw'Obwakabaka okugoba olunnabe lw'obwavu mu Buganda tekujja kusalako. N'olwekyo tulina enteekateeka ze tukoze eziruubirira okulaba nga buli muntu mu Buganda abe Muganda oba ssi muganda – ng'asobola okuyingiza ensimbi n'okweyimirizaawo, era ze zino:

### a) Okulima emmwanyi

Okuwagira abalimi b'emmwanyi n'okubalambika ku nnima n'endabirira y'emmwanyi ku mitendera gyonna okusobola okufunamu amakungula ageegasa n'okwongera ku nfuna yaabwe.





b) **Okugaziya Obutale**

Okuwagira enteekateeka z'okuyitimusa obutale bw'ebyettunzi mu buli Ssaza nga tuyita mu myoleso, n'okutendeka n'okuwagira obusuubuzi ku musingi gw'obwegassi mu bitundu ebyenjawulo.

c) **Obwegassi**


Okwongera omuwendo gwabantu abeeyagalira mu kisaawe ky'ebyobusuubuzi n'ebyenfuna ebyesigamiziddwa ku bwegassi nga tutondawo, okugaziya n'okunyweza SACCO ezirina akakwate ku Bwakabaka mu buli ssaza.

- Buddu CBS PEWOSA SACCO egenda kuzimba ekizimbe galikwoleka.











d) **Okuwagira SACCO mu by'ensimbi zisobole okuwola ba mmemba baazo.**

Okwongera ensimbi mu Kitavvu kya Buganda ekiwagira SACCO ezisembedwa BUCODA nga ziwolwa ensimbi okusinziira ku bwetaavu bwe balina okunyikiza emirimu gyazo.

**e) Okukunga Abakyala n'Abavubuka.**

Okwongera okukunga Abavubuka n'Abakyala okwenyigira obutereevu mu mmwaanyi Terimba, ebibiina ebiwola ensimbi (SACCO) ate n'okufuna obukugu obw'enjawulo.






## f) Ebyobulimi.


Ebyobulimi biri ku mwanjo nnyo mu Bwakabaka ng'erimu ku makubo ag'okukuumira ebyenkulaakulana ku mutindo kubanga abantu baffe ebitundu nkaaga ku buli kikumi (60%) bye basinga okwenyigiramu. Abalimi n'abavubi bawaniridde embuto zaffe nga bannayuganda. Tujja kwongera okuwagira abalimi okulaba nga bafuna obukugu obusaanidde ate n'okufuna amazzi ageyambisibwa mu kufukirira, okwetangira n'okulwanyisa obulwadde bw'ebirime, ekifo awokufunira amawulire ku kalonda yenna akwata ku byobulimi. Tulina enteekateeka y'okugula tulakita mu mwaka gw'ebyensimbi guno okusobola okwongera ku bungi bwebirimibwa nga tusobozesa abalimi okuzeeyambisa ku bbeeyi ensaamusaamu.

g) **Pulogulamu ya Tobongotera ku Ttaka.**

Pulogulaamu eno ya kuteekebwa mu nkola mu mwaka guno 2024/2025 okusobola okuyambako abavubuka n'abakyala abatalina ttaka okupangisa we basobola okwekulaakulanyiza ate n'okulaba ng'ettaka eryo lyonna likozesebwa mu kulimirako ebimera ate n'okulundirako mu Buganda wonna.

## 5.4.3 Okusitula Omutindo gw'Obusobozi bwa Bannayuganda nga tuyita mu byenjigiriza.

Ssebo Sipiika, nzikiriza ntegeeze Obuganda nti mu mbalirira eno, ensonga y'okusitula omutindo n'obusobozi bw'abantu etunuuliddwa nnyo nga tuyitira mu kutumbula ebyenjigiriza, era bino bye tugenda okussaako essira:







### (i) Kabaka Education Fund

Okuwagira n'okuteereeza enkola y'emirimu gya Kabaka Education Fund. Tugenda kwongera amaanyi mu KEF nga tweyambisa tekinologiya.

A basaba bbasale n'abo abazizza obuggya bajja kuyitiranga ku mutimbagano olw'ebigendererwa ebiwerako okugeza: okukendeeza ensimbi z'entambula abazadde ze bak ozesa okujja e Mengo okusaba bbasale, okwongera obwerufu mu nkola egobererwa mu kuzigaba, ate n'okufuna ebibalo ku bwetaavu bw'abantu okuyambibwa okutusobozesa okweteekateeka obulungi. Enkola eno egenda kutandika n'olusoma olusooka mu mwaka 2025.







(ii) **Okutandiikawo Buganda Innovation and Technology Center ku Buganda Royal Institute**

**iii) Okuzimba ekkuŋŋaaniro ly'abaana abatannatuuka kusoma kibiina kisooka mu buli Ssaza**

Ebibalo biraga nti mu Uganda ebitundu 10% abaana abali wakati w'emyaka 3 ku 5 be baweerezebwa mu masomero kyokka nga e Kenya bali ebitundu 55% ate e Tanzania bali ebitundu 35%. Amasomero g'abaana abali wakati w'emyaka 3 ku 5 ga bwannannyini era ng'agasinga obungi gali mu bibugabuga mwokka.




Ebifo bino omuteekerwateekerwa abaana abatannatuuka kusoma pulayimale bya nkizo nnyo mu kuteekateeka obwongo bw'omwana mu by'ensoma. Ebyafaayo biraga nti obwongo bukula ebitundu 90% mu myaka etaano egisooka mu kukula kw'omuntu. N'olwekyo, okufuna okusoma okutandikirwako okw'omutindo kya nkizo mu kuzimba obusobozi bw'abaana bonna okutwalira awamu.

## 5.4.4 Okutaasa n'okukuuma obutondebwensi





### Pulojekiti ya Nalubaale Ebeewo

Tuteeseteese okukolera wamu n'abavubuka ate ne Bannamikago b'Obwakabaka bwa Buganda nga tukuŋŋaanya pulasitika ku mutendera omugaziko mu bifo ebisinze okukosebwa kasasiro ku nyanja eno. Tukoze entegeka okukuŋŋaanya byonna eby'onoona obutondebwensi mu ngeri yonna esoboka. Essira tujja kuliteeka ku migga, emikutu egitambuza amazzi ate n'emidumu egitambuza pulasitika okumuyiwa mu nnyanja. Abavubuka abaneenyigira mu kaweefube ono ow'okukuŋŋanya pulasitika bajja kusasulwayo ensimbi ensaamusaamu libasobozese okufunayo ekigulira magala eddiba.




- **Pulojekiti y'ekibira kya Kabaka**

  Okusimba Ekibira kya Kabaka ku mbuga wakiri 6; Kyaggwe, Mawokota, Ssingo, Kabula, Bulemeezi ne Butambala.


- **Kaweefube w'Okusimba Emiti**

  Okukubiriza abantu okusimba emiti ku buli mukolo mu Bwakabaka omuli: okwabya olumbe, okwanjulwa, okukuza amazaalibwa, abakomyewo mu Kulamaga okutukuvu n'emirala gyonna.



- **Pulojekiti y'Okukendeeza Okufumbisa Enku n'Amanda.**

Okutumbula enkola ey'okufumbisa "gas" ne "solar" okusobola okwetangira omuze gw'okutema emiti okufunamu enku n'okwokya amanda.




Tujja kwongera okusomesa n'okuwagira abantu okwettanira okufumbisa "gas" ne "solar nga tukolagana ne bannamikago aba Eco Save.

## 5.4.5 Okutwala Maaso Federo ey'Ebikolwa

i) Okutandikawo Manya Ebiri Embuga – Buganda Information and Business Centre mu buli Ssaza

ii) Okuwagira buli Ssaza okuvaayo n'enteekateeka ennungamu esobola okwongeza enyingiza ku Ssaza okuwagira emirimu n'okutuusa obuweereza obwomuggundu eri abantu ba Beene mu masaza

iii) Okuteekawo obukulembeze obunywevu obusobola okwaŋŋanga ebizibu ku mitendera gyonna egy'Obwakabaka mu ngeri engunjufu.




iv) Okulambika abaami ku mitendera gyonna naddala mu Gavumenti ez'Ebitundu nga tuyita mu nkiiko; ez'Abaami bamasaza (6), Abamaggombolola, (5) Ab'emiruka (2), Abatongole (2), Abaseesa (4), Abalezi (4) ne Bannampala (4).

### 5.4.6 Okuzzaawo ebitawuluzi okusobozesa abantu okufuna obuweereza mu by'amateeka

- Okuwagira buli ssaza okubeera n'ekitawuluzi. Abitaawuluzi waakiri nga biteereddwawo mu masaza 10
- Okununula ettaka ly'ebitawuluzi eryatwalibwa mu Masaza ag'enjawulo.
- Okusikiriza Bannamateeka ku mitendera egy'Eggombolola okuweereza Ssaabasajja Kabaka mu Ggombolola gye bava.
- Okutegeka emisomo 3 ku nkola y'emirimu mu Bwakabaka n'emirala 3 ku Federo ey'ebikolwa.
- Buli Ssaza ne Ggombolola mu Buganda n'Ebweru okuteekawo "Inventory Book" n'okugyekebejjanga buli mwaka.

### 5.4.7 Enteekateeka Endala ez'Okussaako Essira

Mukama wange Sipiika, ng'ogyeko enteekateeka ezo ezoogeddwako, ssebo Omukubiriza w'Olukiiko lwa Buganda, Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka era etaddewo ensimbi okusobola kutuukiriza bino wammanga:

a) **Ebyemizannyo, Abavubuka n'Ebitone**

Okukolagana n'abakulembeze mu buli Ssaza okuteekawo enteekateeka y'okunoonya ensimbi okuzimba ekisaawe eky'omutindo nga tutandika ne Buddu, Mawokota, Kyaddondo ate ne Kyaggwe. Amasaza gano go waakiri mu mbalirira ya 2024/25, gajja kusobola okuba n'ettaka eritaliziddwa ne bbugwe, erisendeddwa wamu n'okusimbako omuddo.




- Okuteekateeka ebyemizanyo ginnansangwa okuli Omweso, Ekigwo ekiganda n'enkuyo.
- Okuteekateeka ettaka ly'ebyemizanyo mu Masaza 18 eritakka wansi wa yiika 10 n'okukola enteekateeka Namulanda (Masterplan) eraga buli kisaawe bwe kinaafaanana mu ssaza.
- Okutandika okuzimba ebisaawe mu masaza; Buddu ku ssaza, Kyaggwe – Nakisunga, Kyaddondo – Gombe; n'okukulaakulaanya ekisaawe ky'Obwakabaka e Wankulukuku (Phase 1).
- Okuzzaawo ekibiina kya "Essuubi lya Buganda" okukumaakuma abavubuka abalina obukugu obw'enjawulo mu Masaza wamu ne Diaspora.
- Okwongera amaanyi mu kusomesa amasomo g'ebyemikono okusinziira ku bukugu obwetaagibwa mu katale.





- Amatendekero gaffe age by'emikono ne Ssentendekero okutendeka Abavubuka wakiri 2,000.

- Okutandikawo  amasomo ag'ebbanga ettono okuwa abantu obukugu obwettanirwa ku katale k'emirimu. Wakiri amasomo 3 nga gatandikiddwawo.





b) **Obuwangwa, Ennono n'Obulambuzi**

i. **Okumaliriza n'okuyooyoota Muzibwazaalampanga, Olusaka lwa Namasole e Bumbu, Enyanja ya Kabaka n'Amasiro ga Bassekabaka**

- Okumaliriza emirimu egisigaddeyo ku Muzibwazaalampanga.
- Okugula bbaatule z'amaanyi g'enjuba e Kasubi.
- Okuyooyoota Olusaka lwa Nnamasole e Bbumbu.
- Okumaliriza okuddaabiriza Amasiro g'e Wamala.
- Okwerula empenda z'ettaka ly'amasiro wakiri 5.
- Okulambula n'okulabirira ebifo eby'enkizo (20).

ii. **Okuddabiriza Embiri za Ssaabasajja Kabaka**

- Olubiri lwe Bamunanika ne Kireka
- Olubiri lwe Mengo (okumaliriza buggwe, n'okutandiika Twekobe Ejjudde Phase II).



iii. **Okutumbula Olulimi Oluganda n'okusikiriza abantu mu nsi yonna okulwettanira**

- Okuteekateeka emisomo 2 gy'Olulimi Oluganda mu baweereza, Omwoleso gw'ebitabo by'Olulimi Oluganda, Olusirika lwa Bannalulimi Oluganda.
- Okukuza olunaku lw'Ennini ennansi.
- Okuwagira enteekateeka ez'Ekibiina Ky'olulimi Oluganda.
- Okutegeka Olujjuliro lw'Ekibiina Ky'olulimi Oluganda, Ekivvulu "Vvaawondye" n'ekijjulo ky'Obuwangwa.
- Okuteekawo enkola esikiriza n'okwagazisa abaana okusoma Olulimi Oluganda.
- Okutegeka ebibuuzo by'Oluganda mu kibiina kya pulayimale 4 waakiri abayizi 500 nga batudde ebibuuzo bino.
- Okuteekateeka empaka z'Olulimi oluganda mu Masomero n'amatendekero nga tuyita mu Nkobazambogo wamu n'Akalibakendo
- Okutegeka ekivvulu ky'enyimba n'emizanyo waakiri amasomero 30 okukyettanira.
- Okukyalira amasomero 30 nga tubangasisa okusomesa Olulimi Oluganda nga tukolagana n'Ekibiina ky'Oluliimi Oluganda.

iv. **Buli kika okubeera n'ettaka ery'obutaka.** Okuwagira ebika byonna ebitannaba kuwandiisa abayima n'okukuuma ebyobugagga basobole okukuuma ettaka ly'ebika ng'Eggwanika lisasulira emisoso gyonna.

v. **Okuwagira ebika mu kukunga abazzukulu okwettanira okulamaga ku Butaka bw'ebika,** Okwetaba mu kulamaga kw'ebika waakiri 5., Okuwagira enteekateeka z'okulamaga ku butaka ebika 10.

vi. **Okuwagira enteekateeka z'Olulyo Olulangira,** Okuteeka ebibajje n'ebikozesebwa mu mirimu mu Kigango n'okuteekateeka Olusirika lw'abakulembeze mu Lulyo Olulangira.

vii. **Okuwagira Woofiisi y'Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abataka awamu n'Olukiiko lw'Abataka abakulu b'Obusolya**

- Okugula emmotoka y'omukubiriza w'olukiiko lw'Abataka.
- Okuzza obuggya Yinsuwa y'Obulamu ey'Abataka.
- Okulondoola ensonga y'Abataka Trust Limited.
- Okuwagira emirimu gya Woofiisi y'Abataka buli mwezi nga enkiiko n'entambula.
- Okuwagira enteekateeka Nnamutaayiiika ey'Abataka
- Okuteekateeka Olusirika lw'Abataka emisomo 2 gy'Obuwangwa, Ennono n'Obuntubulamu.
- Okuwagira emirimu gy'eddiiro lya Katikkiro.

viii. Okuteeka mu nkola, enkola ennungamu ey'okulabirira amasiro g'e Kasubi (Kasubi Tombs Management System - KTMS) awamu n'amasiro n'embiri endala nga tuwagira BHTB okusobola okugussa ebigisuubirwamu okusobola okuyingiza ensimbi ezeegasa.

ix. Okuggulawo Ekkaddiyizo erikuumirwamu ebifaananyi n'ebibumbe, ebibajje, ebiwandiiko n'ebintu ebirala eby'ebyafaayo bya Buganda.


x. Okukulaakulanya Enyanja ya Kabaka n'okwerula empenda z'ettaka ly'Amasiro ga Bassekabaka; Okuwagira emirimu gy'olukiiko oluvunaanyizibwa ku nnyanja; Okukola enteekateeka y'okuliyirira abasenze abali ku ttaka ly'ennyanja n'okuzimba bbugwe okwetooloola ettaka ly'ennyanja lyonna.

## c) Ebyobusuubuzi, Okukulaakulanya Ebyenfuna n'Okusiga Ensimbi

i) Okutondawo ebibangirize bya bannamakolero amatonotono (Buganda Light Industry Parks) e Busiro ne Mawokota.

ii) Okuteekateeka ensisinkano enyimpimpi okukubaganya ebirowoozo kwebyo ebituukiddwako n'emikisa egitwetoolodde mu Bwakabaka. Finance Forum); Bannabyabulambuzi n'Obusuubuzi (Tourism and Trade Forum); Bannabyampuliziganya ne Tekinologiya (Technology, Media and Communication Forum); Bannabyanjigiriza n'Enkulaakulana y'Abantu (Education and Human Capital Forum) n'abebyobulamu (Health, Water, Sanitation and Hygiene).

iii) Okwongera amanyi mu mpeereza za Buganda Land Board nga tweyambisa Tekinologiya.



- Okuwa bakasitoma empeereza mu budde n'okutuusa obuweereza ku bantu abali emitala wa Mayanja.
- Okusomesa abantu ku miganyulo egiri mu kukozesa empeereza ya Tekinologiya.
- Okuteeka ebiwandiiko byonna ku mitimbagano okwongera okunyweza enkuuma yaabyo. Okwongera okutaliza ettaka n'ekiruubirirwa eky'okulikuuma okuteekako enkulakulaana ezivaamu ensimbi ezikulaakulanya Obwakabaka.

iv) Okuwagira Mwanyi Terimba Limited okufuna ekifo ekyayo weegulira n'okusunsula emmwanyi (ware house/ factory).

v) Okuteekateeka ekifo n'ebyetaagisa okuzimba Buganda Light Industrial Park awanaabera amakolero amatonono.

vi) Okunyweza emikago n'enkola y'okukuba tooki n'okulondoola emikago (M&E).

## 5.5 Embalirira y'Enyingiza n'Ensaasaanya y'Obwakabaka mu mwaka gw'ebyensimbi 2024-2025

Mukama wange Sipiika, nzikiriza nyanjulire Obuganda embalirira y'ensimbi mu bibalo ezisuubirwa okuyingizibwa n'okusaasaanyizibwa Obwakabaka mu mwaka gw'ebyensimbi omuggya ogutandika nga 01/07/2024.

### 4.5.1 Ennyingiza Esuubirwa

| | Ennyingiza | 2023/2024 | 2024/2025 |
|---|---|---|---|
| Vote | Amakubo agavaamu ensimbi | Ezaafunibwa | Ezibaliriddwa |
| 10100 | Envujjo, Busuulu ne Kanzu ku Ttaka | 35,800,000,000 | 36,500,000,000 |
| 10200 | Ensimbi ezibanjibwa okuva mu Gavumenti eya wakati | 13,800,000,000 | 12,000,000,000 |
| 10300 | Ebisale okuva mu bayizi | 19,097,913,213 | 22,843,777,641 |
| 10350 | Sikaala z'Obwakabaka | 980,228,451 | 1,090,000,000 |
| 10400 | Obusuulu okuva mu bizimbe | 2,267,602,193 | 3,111,708,950 |
| 10500 | Ekimu ku kikumi okuva mu baweereza | 101,646,068 | 172,463,849 |
| 10600 | Bannamikago | 55,155,142,120 | 66,949,924,000 |
| 10650 | Abanywanyi | 5,016,715,300 | 6,965,286,000 |
| 10700 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Okwewummuzaamu | 1,575,368,500 | 1,545,500,000 |
| 10800 | (MBL) Satifikeeti, ebbaluwa, Oluwalo n'Ebyettunzi bw'Obwakabaka | 6,419,277,575 | 7,888,672,688 |
| 10930 | Weerinde Insurance Services Limited | 86,402,475 | 534,166,151 |


| | Ennyingiza | 2023/2024 | 2024/2025 |
|---|---|---|---|
| **Vote** | **Amakubo agavaamu ensimbi** | **Ezaafunibwa** | **Ezibaliriddwa** |
| 10960 | Mwanyi Terimba Limited | 5,174,331,300 | 20,000,000,000 |
| 11000 | Abawagizi ba Buganda abali ebweru wa Uganda | 216,693,200 | 310,000,000 |
| 11100 | Eby'empuliziganya n'Amawulire | 14,942,179,613 | 17,339,758,456 |
| 11200 | Eby'obulambuzi mu Buganda | 447,755,514 | 2,395,518,139 |
| 11400 | Ebibiina by'Obwegassi (Cooperatives) | 41,291,762,097 | 44,463,475,628 |
| 11500 | Ensimbi ezinakuŋŋanyizibwa mu Masaza | 5,098,598,886 | 6,770,103,523 |
| 11600 | Ensimbi Eggwanika lye zibanja. | 229,166,057 | 336,181,682 |
| 11700 | Buganda Kingdom Education Institution's Development Fund | 157,900,000 | 332,145,000 |
| 11800 | Buganda Cultural & Heritage Support Fund | 466,807,200 | 861,600,000 |
| 11900 | Ensimbi ezikuŋŋaanyizibwa okuva mu butale bwa Kabaka | 185,000,000 | 200,000,000 |
| 11950 | Ensimbi okuva mu Buganda Royal Law Chambers | 685,000,000 | 750,000,000 |
| 11955 | Ekibiina kya Baluŋŋamya be Mikolo mu Bwakabaka | 24,000,000 | 100,000,000 |
| 11958 | Nkuluze Holdings Limited | 1,557,075,700 | 3,802,995,240 |
| 11970 | Ensimbi ezisuubirwa mu kibiina ky'olulimi Oluganda | 93,860,000 | 171,000,000 |
| | **Omugatte ogw'ennyingiza ogwawamu** | **210,870,425,462** | **257,434,276,947** |

## 5.5.2 Ensaasaanya (Enkozesa) Esuubirwa

| No. | Ekisaasaanyizibwaako | Ezaakozesebwa | Ezibaliriddwa |
|---|---|---|---|
| 20100 | Okuddukanya emirimu mu Nkuluze | 17,095,783,100 | 18,500,000,000 |
| 20200 | Okulabirira Woofiisi ya Ssaabasaajja Kabaka | 598,354,380 | 636,854,380 |
| 20300 | Eby'okulabirira ettaka ( Buganda Land Board ) | 11,500,000,000 | 12,500,000,000 |
| 20400 | Okuteekateka, Okuzimba n'Okugaziya Embiri | 9,813,920,986 | 8,179,637,594 |
| 20500 | Okumaliriza Amasiro g'e Kasubi | 852,036,309 | 1,000,000,000 |
| 20600 | Okuddaabiriza Twekobe n'Okulabirira Olubiri lw'e Mengo | 494,940,000 | 506,277,680 |
| 20700 | Okuddaabiriza Butikkiro Phase 11 | 23,500,000 | 300,000,000 |
| 20800 | Okuddaabiriza n'okuddukanya ebizimbe | 1,269,413,826 | 2,689,188,629 |
| 20900 | Okwekulaakulanya n'okusiga ensimbi | 55,608,742,120 | 61,984,176,381 |
| 21000 | Ensaasaanya ku Satifiiketi, Baluwa , Luwalo lwo n'ebyobusuubuzi | 750,000,000 | 850,000,000 |

| No. | Ekisaasaanyizibwaako | Ezaakozesebwa | Ezibaliriddwa |
|---|---|---|---|
| 21030 | Okuyimirizaawo emirimu gya Weerinde Insurance services | 510,099,918 | 538,783,064 |
| 21060 | Okuyimirizaawo emirimu gya Mwanyi Terimba Ltd | 5,174,331,300 | 20,000,000,000 |
| 21070 | Okuyimirizawo emirimu gya Nkuluze Holdings Limited | 1,557,075,700 | 3,802,995,240 |
| 21100 | Okutumbula Ebyenjigiriza mu Buganda | 19,574,277,768 | 23,480,148,233 |
| 21200 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Ebitone | 2,526,179,630 | 3,384,038,000 |
| 21300 | Obulimi, Obwegassi, Obusuubuzi n'Obuvubi | 43,511,576,405 | 47,858,204,967 |
| 21400 | Gavumenti ez'Ebitundu | 5,855,041,386 | 8,928,807,523 |
| 21450 | Ensonga za Buganda ebweru wa Buganda ne Uganda | 100,940,000 | 134,767,000 |
| 21500 | Okuteekateeka eby'okusigamu ensimbi | 1,017,820,000 | 986,020,000 |
| 21600 | Okutumbula Eby'obulamu | 4,081,973,964 | 3,428,500,000 |
| 21700 | Eby'Ettaka, n'Ebizimbe | 105,254,000 | 353,000,000 |
| 21730 | Emirimu gya Bulungibwansi n'Obutonde Bwensi | 659,423,000 | 1,079,280,765 |
| 21800 | Okuluŋŋamya obukulembeze mu Bika | 453,596,000 | 316,670,000 |
| 21900 | Eby'obuwangwa n'e Nnono, n'Ebyokwerinda | 1,484,555,079 | 1,966,421,200 |
| 21950 | Ekitongole ky'okunoonyereza mu Bwakabaka. | 117,900,000 | 248,740,000 |
| 22000 | Eby'obulambuzi | 594,508,897 | 1,503,350,821 |
| 22100 | Emikolo gy'Obwakabaka , ne nsanga za Pulotoko | 868,921,376 | 789,400,000 |
| 22140 | Amawulire, Okukunga n'Obwogozi bw'Obwakabaka | 120,230,000 | 258,162,000 |
| 22200 | Ebikozesebwa eby'ensibo | 233,620,000 | 1,576,000,000 |
| 22300 | Okuwagira emirimu mu woofiisi ya Nnaabagereka | 49,890,000 | 54,090,000 |
| 22400 | Okusasula Amabanja | 1,206,417,303 | 3,627,522,050 |
| 22500 | Ekikula kya bantu | 225,890,200 | 366,400,000 |
| 22600 | Ensaasanya ku by'empulizigannya | 13,650,249,431 | 15,316,186,700 |
| 22800 | Olukiiko lwa Buganda Olukulu | 242,670,000 | 657,500,000 |
| **22900** | **Abaweereza wamu n'okuddukanya emirimu** | | |
| 22905 | Abaweereza | 5,145,124,891 | 5,206,595,885 |
| 22915 | Abakugu abenjawulo | 18,200,000 | 58,300,000 |
| 22920 | Okuddaabiriza Bulange n'ebikozesebwa mu makakkalabizo | 190,000,000 | 265,000,000 |
| 22925 | Okulabirira ebidduka | 665,850,000 | 716,300,000 |

| No. | Ekisaasaanyizibwaako | Ezaakozesebwa | Ezibaliriddwa |
|---|---|---|---|
| 22930 | Ebikwata ku baweereza | 308,295,900 | 422,400,000 |
| 22935 | Entambula munda ne wabweru w'Eggwanga | 330,000,000 | 380,200,000 |
| 22940 | Ebikozesebwa mu Makakkalabizo | 307,993,000 | 336,919,775 |
| 22945 | Ebirabo n'obuyambi obuweebwa | 125,000,000 | 390,000,000 |
| 22950 | Emisoso gya bbanka | 35,000,001 | 35,000,001 |
| 23100 | Okuddukanya Woofiisi ya Bannamateeka (Law Chambers) | 870,700,000 | 1,058,000,000 |
| 23200 | Okukola ku Nsonga za Buganda ez'Enkizo | 210,000,000 | 150,000,000 |
| 23300 | Tekinologiya n'Obuyiiya ( ICT & INNOVATION) | 198,805,000 | 451,980,000 |
| | **Omugatte ogw'Ensaasaanya ogw'awamu** | **210,334,100,869** | **257,271,817,888** |
| | **Enfissi / Ezikyetaagisa** | **536,324,593** | **162,459,059** |



# 6.0 Okuwumbawumba

## 6.1 Okwebaza

Oweekitiibwa Sipiika, nzikiriza ntwale omukisa guno okwebaza obuwagizi bw'abantu ssekinnoomu wamu n'ebitongole ebiwaniridde Obwakabaka okusobola okutuukiriza byonna bye nyanjudde mu mwaka gw'ebyensimbi guno 2023/2024 gwe tumalako. Abantu ba Ssaabasajja Kabaka mwenna, bannamikago n'abanywanyi, we mutali olugendo luno terwandisobose ne gye tuteekateeka okulaga kandibadde kazigizigi.

Neebaza nnyo nnyini ddala mukama waffe Ssaabasajja Kabaka, abadde omulambulukufu ennyo mu kutulambika ku by'ayagala gavumenti ye esseeko omulaka; Katikkiro wa Buganda ayolesezza obukulembeze obulungi ate n'okubeera ekyokulabirako ng'ebikolwa bye byolekera ddala ebyo byayogera: ba Minisita bannange ku Kabineeti bakoze enteekateeka ennungi era netukolaganira wamu nga tukola okusalawo naddala ku nsonga ezibaddemu obugulumbo.

Nkwebaza nnyo Ssebo Omukubiriza w'Olukiiko lwa Buganda Olukulu, Omumyuka wo, n'Abakiise b'Olukiiko lwa Buganda, olw'okukubaganya ebirowoozo mu ngeri ennungamu wamu n'okuwabula Minisitule zonna ku nteekateeka ze balina n'ekiruubirirwa eky'okuzza Buganda ku Ntikko.

Mu ngeri ey'enjawulo nzikiriza ssebo Sipiika nnokoleyo era neebaze mu ngeri ey'enjawulo Ssentebe w'Akakiiko k'Olukiiko ak'Eby'ensimbi Oweek. Prof. Umar Kakumba wamu n'abakiise ku kakiiko ke bonna olw'okukubaganya ebirowoozo n'okuwagira Minisitule mu kuteekateeka embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2024/2025.

Enkolagana gye tulina yeesigamizibwa ku bwerufu, okwesigangana, okuwangana ekitiibwa, era mbeebaza nnyo olw'omwoyo gwa Buganda Ogutafa gwe mwolesezza nga muteesa ku buli nsonga.

Bannamikago baffe egy'enkulakulana n'egy'ebyensimbi, mwebale nnyo olw'obuwagizi n'ettutumu bye mutuwadde mu nteekateeka zonna ze tukolaganyeemu.

Empagi luwaga Buganda kw'esimbye ey'obukulembeze mu gavumenti ez'ebitundu tubeebaza nnyo. Abaami ku mitendera gyonna egy'obukulembeze mu Bwakabaka okuviira ddala ku baami b'amasaza n'abamyuka baabwe, Abaami b'amagombolola; Abemiruka n'Abatongole mubadde bamalirivu nnyo mu kuwagira n'okuggusa enteekateeka z'Obwakabaka naddala mu kkowe ery'okukunga n'okubudaabuda abantu ba Ssaabasajja Kabaka mu bitundu bye mukulembera. Bassentebe ba Bboodi n'abakiise, Abakulu b'ebitongole by'Obwakabaka n'abakozi mu bitongole by'Obwakabaka byonna n'abakozi mu gavumenti ya Kabaka obutereevu abagwa mu Minisitule ez'enjawulo mwenna tubeebaza. Abakozi mu Minisitule y'ebyensimbi mbeebazaamu ak'ensusso olw'obuwagizi bwe mumpadde mu kuteekateeka embalirira eno ku mitendera gyonna gye tuyiseemu.

## 6.2 Okuwumbawumba

Ssebo Sipiika, njagala okukikkaatiriza nti embalirira eno esibiddwamu enteekateeka z'okukulaakulanya n'okusitula embeera z'abantu ba Ssaabasajja Kabaka mu Buganda n'ebweru. -yammanyi mu kutwala mu maaso enkulaakulana mu by'ensimbi wamu n'okukyusa embeera z'abantu.

Ssebo Sipiika, nga nyimiridde wano mu maaso ga Nnamulondo, nziramu okuddingana ensonga y'okutuusa okwebaza okutageraageranyizika okuva ku mutima gwange ku lw'Obwakabaka, eri abantu ba Buganda bonna, olw'obuwagizi n'obwesige obutasalako bwe batuwadde. Mwebale nnyo bannaffe okulondangawo ebibagasa era ebibatwala mu maaso nga temuwuguddwa malindirizi. Twongere okukolaganira awamu n'ekigendererwa eky'okuzimba Buganda ey'enkya eyeegombebwa.


Mukama wange Sipiika, kya mukisa munene nnyo gyendi, kya kitiibwa era neenyumiriza mu buvunaanyizibwa Ssaabasajja Kabaka bwe yampa okuweereza mu Gavumenti ye ng'Omumyuka Owookubiri owa Katikkiro era Omuwanika. Ebyokwenyumirizaamu mu buweereza buno bingi kyokka nga n'ebisoomoozo bye tufunyeemu eby'okuyiga tebibuzeemu. Buli atuwagidde nga bwennalaze waggulu mwebaza nnyo.

Oweek. Sipiika, Abakiise b'Olukiiko mwenna n'Obuganda bwonna, nyanjula eri Olukiiko lwa Buganda Embalirira y'Obwakabaka bwa Buganda ey'Omwaka 2024/2025 n'enyingiza esuubirwa ya **257,434,276,947** ate n'ensaasaanya ya **Shs.257,271,817,888**

Nsaba Olukiiko lwa Buganda Olukulu lugyekkaanye era ekkakasibwe.

Ayi Katonda Kuuma Ssaabasajja Kabaka.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale!



**Robert Waggwa Nsibirwa**
**OMUMYUKA OWOOKUBIRI OWA KATIKKIRO ERA OMUWANIKA**




Bulange



K2 TELECOM
K2 TELECOM
Getting you closer
ZUULA
GPS TRACKING AND FLEET MANAGEMENT
Assets
Companies
Individuals
K2 BULK SMS PLATFORM
7879
SHORT CODE
SENDER ID
Digii Sente
Kittavvu kyo
The new Normal of Business in Buganda Kingdom
DiGii Sente
kittavvu kyo
"Everyone can Bank"